

Okufumitiriza ku Bulamu obw'Omwoyo







Ruhi Institute

Ekitabo 1

Okufumitiriza ku Bulamu obw'Omwoyo

Ruhi Institute

Obutabo mu mitendera egy'emisomo:

Wammanga-awo gy'emitwe emikulu mu mitendera egy'emisomo egya-tegekebwa Ruhi Institute. Ekigendelerwa ekya bino ebitabo kwe kubeera nga bikozesebwa mu misomo egyediriŋŋana ffena kwetusinziira nga twetegekera-butereevu mu kawefube ow'okutumbula obusobozi obw'abavubuka n'abakulu mu kuweereza ebitundu byabwe. Ruhi Institute nate era eri mu kuyiiya omugatte ogw'emisomo nga jisibuka mu katabo akokusatu mu mitendera egy'emisomo nga-gino gya kutendeka abasomesa ab'abaana aba Bahá'í, ate era n'omugatte omulala okuva mu katabo akokutaano akakozesebwa mu kutendeka abo abayigiriza ebibinja eby'abantu-abatandika okuvubuka. Buno obutabo, nabwo, buteekeddwawo mu kumenya-menya wansi awo. Kirina okumanyibwa nti kuno okumenya-menya kuyinza okukyusibwa buli obumanyirivu mu bikolebwa bwebuneyongera okukula, n'emitwe emilara gijja kwongerwako buli ebintu ebiwerako eby'okuyiga ebikyali mu nkula-kulana bwebinaba bituuse ku mutendera kwe bisobola okusasaanyizibwa.

Ekitabo ekisooka (1)	Okufumitiriza ku Bulamu obw'Omwoyo
Ekitabo eky'okubiri (2)	Okusitukiramu eri Okuweereza
Ekitabo eky'okusatu (3)	Okusomesa okw'ebibiina eby'abaana abato, Omutendera 1
	Okusomesa okw'ebibiina eby'abaana abato, Omutendera 2 (ettabi ery'omusomo)
	Okusomesa okw'ebibiina eby'abaana abato, Omutendera 3 (ettabi ery'omusomo)
	Okusomesa okw'ebibiina eby'abaana abato, Omutendera 4 (ettabi ery'omusomo)
Ekitabo ekyokuna (4)	*Okwolesebwa (okwa Katonda) Okw'emirundi Ebiri Egy'awamu*
Ekitabo ekyokutaano (5)	*Okusumulula Amaanyi ag'Abantu-abatandika-okuvubuka*
Ekitabo eky'omukaaga (6)	*Okusomesa eby'Enzikiriza*
Ekitabo eky'omusanvu (7)	*Okutambulira Awamu mu Kubbo ery'Obuweereza*
Ekitabo eky'omunaana (8)	*Endagaano eya Bahá'u'lláh*
Ekitabo eky'omwenda (9)	*Okufuna Ekifaananyi okuva mu Byafaayo*
Ekitabo eky'ekumi (10)	*Okuzimba okw'Ebitundu Ebikyamufu -mwetubeera*
Ekitabo eky'ekumi n'ekimu (11)	*Eby'enfuna eby'ensi eno*
Ekitabo eky'ekumi n'ebiri (12)	*Amaa n'Ekitundu-kwetubeera*
Ekitabo eky'ekumi n'essatu (13)	*Okwenyigira mu bikolwa ebitukulakulanyiza awamu*
Ekitabo eky'ekumi n'ennya (14)	*Okwetaba mu nteesaganya ezomubantu*

Copyright © 2009, 2026 by the Ruhi Foundation, Colombia
All rights reserved. Edition 4.1.2.PE.PV published in October 2026
Printed in Uganda

Originally published in English as *Reflections on the Life of the Spirit*
Copyright © 1987, 1994, 1999, 2007, 2020 by the Ruhi Foundation, Colombia
ISBN 978-958-59880-2-6

Permission for a limited printing of this book in Luganda has been granted by the Ruhi Institute.

Ruhi Institute
Cali, Colombia
Email: Instituto@ruhi.org
Website: www.ruhi.org

Ebisangibwamu

Ebirowoozo ebitono-tono eri Omuluŋŋamya v

Okutegeera Ebyawandiikibwa ebya Bahá'í..... 1

Essaala 15

Obulamu n'Okufa 31

Ebirowoozo ebitono-tono eri Omuluŋŋamya

Ebyalo ebiwerako kino ekitabo ekisooka okuva mu mugatte ogw'emisomo egyediriŋŋana egituweebwa Ruhi institute "eky'Okufumititriza ku bulamu obw'Omwoyo," ekisomebwa mu nsi yonna bibadde byeyongerera ddala mu myaka mingi egiyise. Mu mbeera eziwerako ez'enjawulo, akatabo kasomebwa era ne wabeerawo okuteesaganya wakati mu kabinja ak'abemikwano, abayinza okukuŋŋana kulw'okusoma mu nsisinkana ez'olumu-n'olumu ezediriŋŋanwa, abayinza okujja awamu mu kusoma okutegekeddwa okw'omugundu okw'akaseera ak'enaku eziwerako ez'awamu, oba ne bakuŋŋana mu lujjudde mu kampu mu naku ez'ekiwumulo. Ne bwebeera mbeera ki, omu ku bakiise ow'akabinja y'akola nga omuluŋŋamya. Akakwaate wakati aw'omuluŋŋamya ne bayizi banne abalala tekefaananya kw'ako ak'omusomesa n'omuyizi; bonna nga bamanyi kyebakola benyigira mw'olwo olugendo buli omu ng'anonyereza eby'okuyiga. Wabula omuluŋŋamya tabeera awo kwelekereza eky'okuteesa era tabeera awo kutunulira-butunulizi banne b'ayamba nga bateesaganya. Oluvanyuma olw'okuyita mu misomo ejiwerako ejisaanye okuva mu mugatte ogw'emisomo ne yenyigira mu mirimu egy'obuweereza okusoma kuno gyekutukubiriza, k'abeere mwami oba mukyala abeera n'obusobozi obuyamba buli omu mu kabinja mu kutuukiriza ekigendelerwa eky'akatabo akabeera kasomebwa. Abo ababeera bakola ng'abaluŋŋamya ab'akatabo kano akasooka bajja ku kiganyurwamu singa babeera betegereza endowooza eziri mu kuno okwanjula okw'ekitabo kino buli luvanyuma olw'akaseera.

Abakiise okuva mu munsi yonna bajja mu musomo guno ogusooka ogwa Institute nga bava mu kabbila ezenjawulo. Abamu kw'abo begatta dda ku ba Bahá'í nga era balina essuubi okuzimba obusobozi bwabwe mu kuweereza mu mirimu egy'enzikkiriza gye begwanyiza. Abalala balaba omusomo guno nga entandikwa yabwe ey'okunonyereza ku by'enzikkiriza eya Bahá'í nga eddiini. Era n'abalala basikirizibwa ebilubilirwa ebya Bahá'í nga era besunga okufuna okumanya ddala ebigendelerwa n'emirimu egy'enzikiriza ku kitundu kwebabeera. Era waliwo okweyongera mu bantu naddala ab'emyaka emito nga, kulw'okwagala okuzimba obusobozi bwabwe mu kuweereza ebitundu mwebabeera, oluusi nga bayita mw'emu ku nteeka-teeka oba endala ebeera eteekebwawo aba Bahá'í, benyigira mu musomo guno nga eky'okukola ekisookerwako.

Okuva kuntandikwa, kirina okubeera ekilambulukufu eri buli mukiise nti emisomo egya Ruhi Institute jizuula ekkubo ery'obuweereza eri buli muntu, ekkubo buli omu kuffe ly'atambulirako okusinziira kuluta lwe, nga alinako b'ayamba era nga naye ayambibwako abalala. Okutambulira ku lino ekkubo kitegeeza okwegwanyiza ebigendelerwa bibiri eby'awamu: okubeera nga omuntu atuukiriza enkulakulana ye ey'omwoyo ne muby'amagezi agamukulakulanya kunsi eno era n'okubeerako kyawaayo eri enkyuka-kyuka mu mbeera ez'omubantu. Okweyongera okukula nga tuli ku lino ekkubo kitwetaagisa okuzimba obusobozi obuwerako obusaana okutegeera n'amagezi, obubonero obw'omwoyo, embeera ezesiimisa, era n'okubeera nga olinako by'osobola okuteeka mu nkola era n'obumanyirivu. Ensibuko ey'okumanya ebitabo ebya Institute kwe bisinziira, y'eyo ku mukono ogumu, ebisomesebwa Enzikiriza eya Bahá'í, ne ku mulala, bwe bukugu obweyongera okukula okuva munsi yonna aba Bahá'í bwebafuna nga benyigira mu bikolwa eby'enkula-kulana ey'omubiri n'eby'omwoyo. Ekyo ekisindikiriza Institute kye kilubilirwa ekya Bahá'u'lláh eky'omuntu gwetusobola okufuuka era n'enkulakulana gyetusobola okuzimba. Kiteeberezebwa nti abakiise bonna nga tetulina kabbila kwetusinzidde, balina eddembe okwegwanyiza ekiluubilirwa kino, ekilambulukufu mu buli Kitundu ekya buli kitabo.

Mu nsi omuli ebibinja n'endowooza enyinji nga zigezaako okuyita mu buli ngeri yonna esoboka okufuna abazettanira, oyo atamanyi ku Nzikiriza eya Bahá'í asobola okwebuuza

ebibuuzo ebisaanidde nga bikwaata ku bigendelerwa ebya Ruhi Institute, naddala nga, “Ndi mu kusabibwa okukyusa eddiini yange?” oba “Ndi mu kusabibwa okwegatta ku ddiini?” Ebibuuzo nga bino bileetera omuluŋŋamya omukisa ogunyonyola ekigendelerwa eky’emitendera egy’emisomo nga bwejimenyeddwa waggulu awo. Wadde kya buntu-bulamu aba Bahá’í okwesunga mikwano gyabwe okwegatta ku Nzikiriza, enjigiriza yabwe tebakkiriza, omuluŋŋamya asobola okwongerezako nti tebakkirizibwa kwenyigira mu bikolwa eby’okukaka abantu mu Nzikiriza yabwe. Okutambulira ku kkubo ery’obuweereza eligulwawo emisomo egya Institute, lituyita tusiibe nga tunyikkira mu kutegeera okuyigiriza okutuweebwa Bahá’u’lláh, ekyo ebitabo kye biteekamu amaanyi okututuusako mu bulambulukufu; okukkiriza n’okubeera omukkiriza nsonga za buli muntu sekin’omu okufumitirizako mu mirembe era nga takakibwa.

Awatali kwewuunya kwonna, olwo, ky’ekyo lwaki ekibuuzo eky’okutegeera, nga ensonga enkulu-eyawakati mu bitabo byonna eby’emisomo egiri mu bitabo ebya Institute, nga guno ogusooka kwetutandikira. Okusoma okuva mu Byawandikibwa Ebitukuvu siky’ekimu n’okusoma enkumi-n’enkumi ez’empapula enyinji omuntu zalaba mu kiseera eky’obulamu bwe bwonna, era ekitundu, “Okuteegera Ebyawandiikibwa ebya Bahá’í”, kigendelera okutuzimbamu omuze ogw’okusoma okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu buli lunaku era n’okufumitiriza ku makulu gabyo, omuze ogunayambira ddala abakiise mu kusoma kuno nga bolekera ekkubo ery’obuweereza. Okubeera nga baluŋŋamizibwa mu kusoma ekitundu kino, omuluŋŋamya yetaagira ddala okuteeka ebirowoozo ku mulamwa ogw’okutegeera.

Mu byawandiikibwa ebya Bahá’í mulimu amazima ag’omwoyo agatenkanika, nga era ne mukwongera okufuna okutegeera kwabyo okutakoma, tukimanyi nti tetulituuka ku komo ery’okubiteegera byonna. Bwetubeera tusoma ekyawandiikibwa omulundi ogusooka, tufuna okutegeera okusookerwako okw’amakulu agalabikirawo ag’ekyawandiikibwa, era Akatundu1 (section1) ak’Ekitundu ekisooka (Unit1) kino kakitw ala nga aw’okutandikira. Olwo no, oluvanyuma olw’okusoma okinokoddwa kino, “Okutereeza okw’ensi kisoboka okutuukibwako nga tuyita mu bikolwa ebirongoofu era ebirungi, nga tuyita mu neyisa ezikkirizibbwa era ezisiimibwa.” abakiise mu kusoma babuuzibwa mu bigambo ebyangu nti, “Okutereeza okw’ensi kisoboka kutuukibwako kitya?” Mu kulaba okw’amangu, ebibuuzo n’eby’okukolebwa ebisinga eby’ekika kino bilabikako nga ebyangu ennyo. Wabula emyaka egy’obukugu jitukakasa lwaki Institute yasalawo okutandika mu ngeri eno. Fenna twetaaga okujjukizibwa nti, mu kufuba kwayo okw’okunoonyereza agamu ku mazima mu kyawandiikibwa, endowooza telina kubuusa-buusa maaso ku ntegeera elabikako. Okufaayo eri ntegeera eno esookerwako kikakasibwa okubeera eky’omugaso wakati w’akabinja nga kakubaganya ebirowoozo; kituleetera okuggumiza obumu mu birowoozo eby’abantu, ekyo ekituukibwako amangu ddala nga buli muntu sekin’omu byateesa bikkirizibwa okutangaazibwa ago Amagezi Amatukuvu.

Kyamugaso okwetegereza wano nti okutegeera okusookerwako okw’ebiwandiiko ebisinga tekuganyurwa mu kuwanvuya okw’okukubaganya okw’ebirowoozo nga kusinziira ku bigambo sekin’omu ebivudde ku mulamwa. Ekyo nga kyogeddwa, kijja kwetaagibwa, olumu n’olumu, abo ababeera bakuŋŋanye okunoonyereza ku kigambo okuva mu telekero ery’okunyonyoka okw’ebigambo(dictionary). Wabula, ekiyinza okusingako kw’ekyo kwekuzuula entegeera ey’ebigambo okuva mu biwandiike n’enyiriri enyimpi mu bulamba bwazo.

Entegeera bw’ebeera enagaziwa okussukka ku ttuluba ly’eyo esookerwako, ebyo eby’okulabirako eby’olesa engeri ebeera eteesebwako bisobola okubayambako. Ekyo eky’eky’etaagibwa mu mbeera eno byeby’okukolebwa ebyetaaga okwanukula okwangu. Okugeza nga, mu Katundu 2 (section2), abakiise mu kusoma basabibwa okwekkaanya okusinziira ku kutangaazibwa kwebafunye okuva mu kyawandiikibwa kyebabadde bakamaliriza okusoma ebimu ku bikolwa ebisiimibwa. Mu ky’okukolebwa ekyefaananya ku kino mu Katundu 4, bakubirizibwa okumenyayo ebisaanizo eby’Omwoyo bitaano era baryoke basalewo oba kisoboka okubifuna nga tewali mazima—ekinyonyoddwa mu Byawandiikibwa nga “omusingi ogw’empisa ez’abantu zonna.”

Okusobola okutuukiriza ekigendelerwa kyakyo, kino ekitundu kitusaba okweyongera okutegeera nga kisindikiriza abakiise mu kusoma okulowooza ku biki ebiyinza okuleetebwawo ebyawandiikibwa ebituweebwa. Mu katundu 2, betaaga okwekeneenya oba kino ekyatuddwa; "Waliwo abantu batono nnyo abalungi mu nsi nti ebikolwa byabwe tebirina mugaso gwonna." kirimu amazima. Wano ekigendelerwa sikyakugabana ndowooza kyokka. Omuluŋŋamya ateekeddwa okusilikilira n'afumitiriza ku kwanukula okw'omukiise-mu kusoma. Nti ekyatuddwa kiteekeddwa okubeelera ddala ekifu kubanga kikontana n'ekiwandiiko ekinokoddwa akisooka mu katundu akemabegako kwe kuwumba-wumba abakuŋŋanye-okusoma kwebalina okumaliriza nakwo. Ekibuuzo eky'okubeera nga owa Bahá'í akkirizibwa okwenenya ebibi bye eri abantu abalala nakyo kyakulabirako eky'omulimu ogw'ekika kino. Gutunyonyola okuva mu by'Enjigiriza nti tekikkirizibwa kuba nga twatula ebibi byaffe eri banaffe nga engeri ey'okwenenya n'okujjawo ebikolwa ebibi, ekyo, ekitayatuddwa mu buwanvu mu kiwandiiko kyona ekibeera kisomebwa, nate kisobola okwongera okunyonyoka nga twekeneenya amakulu ga luno olunyiliri, "Wekeberenga buli lunaku nga tonnaba kuyitibwa kwenyonyorako."

Teri ngeri yonna emirimi egyomukitundu eky'okusoma kino gye jigendelera okutuukiriza okunyonyoka okuli mu byawandiikibwa ebitunuulibwa. Ekibuuzo kimu buli muluŋŋamya kyateekeddwa okufumitirizako ky'eky'ekiseera ekiweebwa okukubaganya okw'ebirowoozo mu buli ekibeera kituweebwa okukolebwa. Wano kyamugaso okukirowoozako nti okuwanvuya ebiteesebwako nga tuleetawo emiramwa mingi egyefaananya kubisomebwa naye nga tegyetaagisa kitera okujjawo omugaso ogw'akatabo akasomebwa. Buli kabinja ketaaga okuteekawo entambuza ey'omusomo etegeerekeka; abakiise mu kusoma balina okufuna okwewulira ekwenjawulo nti basiiba bakulakulana awatali kutaataganya okusinziira ku bisoboka kuludda lwabwe. Wabula, ye omuluŋŋamya, ateekeddwa okusigala nga attaddeyo ebirowoozo, obutundu obusomebwa buleke kuyitibwamu mu kupapa era ne mukulabira amazima kungulu nga ebirowoozo tebiteekeddwayo mukwekeneenya okw'e byo eby'okukolebwa; obubinja obukozesezza engeri eno, nga bumala gajjuzamu eby'okwanukula, tebufunanga kuganyurwamu.

Ensonga emu esembayo esaana okwatulwa: Omuluŋŋamya kimukakatako okulaba nti buli akuŋŋaanye okusoma asigala yenyigira mu kufuba okweyongerayo okw'okuyiga okutuweebwa okuva mu kitabo ekisomebwa. Okukubiriza ebenyigira mu kusoma nga tewali muntu yenna akakibwa okubeerako kyayogera kyekitera okubeera ekizibu. Ekirina okumanyibwa okuva mu ntandikwa kyekyo nti kino ekizibu kitera okutuukawo nga tubuuza ebibuuzo nga, "Kino okitegeera otya gwe?" Ebibuuzo eby'ekika kino bitera okukendeeza okumanya n'amazima ku mutendera ogw'ogugabana ekirowoozo kyokka. Olwo oluvanyuma ne kileeta obuzibu mu kuteekawo embeera ekkiriza okukubaganya okw'ebirowoozo wakati w'abo ababeera bakuŋŋaanye ekyandibaleetedde okweyongera mu kutegeera.

Ekitundu eky'okubiri(Unit2) mu kino ekitabo, nga ekisooka, kikwaata ku neyisa ey'omugaso eri obulamu obw'omwoyo: okusaba buli lukedde. Kilambulula mu katundu akaggulawo omulamwa "ogw'ekkubo ery'obuweereza" nga kateesa nti, okutambulira ku lino ekkubo tulina okubeera n'ebigendelerwa bibiri eby'awamu. Abakiise mu kusoma bekeneenya omugatte ogusooka ogw'ebinokodwa okuva mu byawandiikibwa nga bino bituwa eky'okuyigirako ku kikula eky'ebigendelerwa bino, omulamwa ogujja okulambulurwa mu misomo egy'ebiseera ebyomumaaso.

Nga twesigama kw'ekyo ekisangibwa mu mulamwa guno, ekitundu kino eky'okubiri kiteeka essila ku kuzuula amakulu agali mu ssaala. Kikozesa enkola eyefaananya kw'eyo enyonyoddwa mu nyiriri zetumalirizza okuyitamu. Ebibuuzo n'eby'okukolebwa biteekebwawo biryoke bituyambe okwongera okukula mu ntegeera ey'ebyawandiikibwa okuva mw'ebyo ebibeera bisomebwa. Buli akabinja bwekeyongera okuyita mu kitundu ekibeera kisomebwa, omuluŋŋamya ayinza okwetaaga okugyawo okubuusa-buusa ng'akubiriza okwekkaanya eneyisa ezilanda okuva mu nono n'ebikolwa okuva mu myaka egyayita. Muby'obuwangwa ebimu, obulombo-lombo n'okwelaguza bitutte ekiseera nga bisiikiriza omugaso ogw'embeera etalabikira

ku mubiri, era bangi bewala omugaso ogw'essaala, nga ate kino, eri omwoyo ogw'omuntu, kya mugaso nnyo nga emmere bw'eri ey'omugaso mu kuddabulula omubiri.

Okussukka ku byonna, olwo no, kino ekitundu kigendelera okuzuukusa mw'abo abakiise-okusoma obwagazi "obw'okunyumya ne Katondo" era n'Okumusembelera. Ezimu ku nsonga ezogerwako z'ezekuusa kw'ekyo kyekitegeeza okubeera nga oyingira mu mbeera ey'essaala, okubeera omuwombeefu mu mitima gyaffe ne mu birowoozo mu kiseera kino, n'embeera ezetaaga okuteekebwawo mu bifo ebibeera bitwetoolodde, newankubadde tuli fekka oba nga tuli mu lukuŋŋana. Ddala-ddala, oluvanyuma olw'okuteeka ebirowooza ku maanyi ago agatuweebwa nga twenyigira mu kusinza okw'awamu, abakiise-mu kusoma bakubirizibwa okubeera nga batandika okutegeka olukuŋŋana olw'okugabana essaala n'okunyikkira mubikolwa eby'omwoyo.

Okusoma okw'ekitundu eky'okusatu eky'akatabo kano, "Obulamu n'Okuffa", kisuubirwa, kijja kuggumiza, okunyiikira eri okutambulira mu kkubo ery'obuweereza era kiryongeremu amakulu agasingako. Obuweereza mu nsi eno butegeerekeka bulungi nga butunuuliddwa awamu n'obulamu mu bulamba-lamba, obwo obw'eyongerayo okussukka ku kubeerawo kwaffe mu nsi eno era ne bweyongelerayo lubeelera nga emyoyo gyaffe bwegikulakulana nga jiyita mu nsi za Katonda. Mu luno olugendo olw'okuyigirizibwa, olwawukanako kw'olwo olw'okutendekebwa, abakiise mu kuyiga balina okwongera okuzuukusa entegeera ey'amakulu n'omugaso ogw'ekyo kyebakola. Okwo okutegeera kwokka singa kubeera kwongeddwako, obukugu butulaga nti, kye kijja okubaleetera okwelaba nga abakozi, ab'obuvunanyizibwa eri okuyiga "kwabwe kwenyini."

Buli kamu kw'obwo obutundu mu Kitundu eky'okusatu eky'akatabo kaggulwawo ebinokoddwa nga kimu ku bisatu okuva mu Byawandiikibwa ebya Bahá'í, ebyo ebigobelerwa eby'okukola ebitonotono. Olulimi olw'ebiwandiike ebinokoddwa mu kitundu kino lubanja okusingako kw'olwo oluli mu bibiri byetwasookeddeko. Tewali bwetaavu, naddala, obw'okabinja ak'abakuŋŋanye okwesiba ennyo ku bigambo ebizibu; omuluŋŋanya ajja kufaayo okulaba nti buli omu akwata ensonga enkulu ayawakati etuweebwa mu buli katundu, mu bumpi-mpi ekyo kyenyini eby'okukolebwa kyebigezaako okuleetawo.

Okusinziira ku kikula eky'omulamwa, emirimu egyekuusa ku by'okulabirako okwaddala mitono era tejigenda kulabikiramu nnyo. Ejisingamu jitera okubeera ku mutendera ogw'ebigambo eby'okurowoozako. Ekirina okwetegerezebwa ky'ekyo nti ebimu kubibuuzo byebasoyezza mu by'okukola tebisobola kuddibwamu mu bwangu ddala oba mu buteleevu nga tupapa. Biteekebwawo ku lw'okwongera okutumanyisa kw'ebyo ebikwata ku mulamwa; abo abakuŋŋanye kulw'okuyiga bwe bateekayo ku birowoozo eri ebibuuzo nga bino, ekigendelerwa eky'okuyiga kijja kubeera nga kituukiriziddwa.

Obutundu obwenjawulo obusookerwako buteeka essila ku nkolagana wakati w'omwoyo n'omubiri, nga, awamu bye bikola omuntu mu nsi eno elabikako. Ekirowoozo ekikulu ekyawakati ekituweebwa mu butundu buno ky'ekyo nti omwoyo si ky'ekintu ekisibuka oba ekilabikira mu nsi ey'omubiri; enkolagana yagwo n'omubiri esobola okugerageranyizibwa ku kitangaala ekilabikira mu ndabirwamu. Ne bw'ebeera enfuufu egibisse oba okwatika okw'endabirwamu okutera okugituukako, tewali kisobola kutataganya amaanyi ag'ekitangaala kyenyini. Okuffa kubeera enkyukakyuka mu mbeera eyo nga, enkolagana wakati w'omubiri n'omwoyo eweddewo; oluvanyuma, omwoyo gwolekera enkulakulana ey'olubeelera eri Omutonzi wagwo.

Ekitundu kino kimala ne kikyukira, eri ekibuuzo ekyekuusa ku mugaso ogw'obulamu – Okumanya Katonda n'okufuba okumusembelera. Wano, okukubaganya ebirowoozo kwetoloolera ku milamwa ebiri emigazi. Ogusooka gwekuusa ku kigendelerwa eky'obulamu bwaffe munsi eno, olwo n'ogwokubiri kw'olwo olugendo olw'omwoyo oluvanyuma olw'okuffa okw'omubiri. Omwoyo kabonero ka Katonda era gusobola okwolesa Amanya Ge n'ebisaanizo byonna. Wadde obusobozi obukusike obuli mu muntu tebunnaba kulabika; busobola okuzimbibwa awali

obuyambi obw'Ababaka ba Katonda, abo Abasukulumye ku Bitondeddwa abajja buli luvanyuma olw'ekiseera kulw'okuluŋŋamya abantu. Nga bayita mu kuyigiriza okw'omwoyo kweBatuwa, eby'omuwendo ebikusike muffe bisobola okuzuulibwa.

Ate ekyo ekyekuusa ku lugendo olw'omwoyo oluvanyuma olw'okuffa, endowooza eziwerako ziweebwa abenyigidde mu by'okuyiga bazirowoozeko: nti abo abakkiriza mu Katonda bajja kufuna essanyu ery'amazima; nti teri n'omu kuffe alimanya ku nkomelero ye yenyini, era, n'olw'ekyo, twetaaga okusonyiwa bannaffe ne tuleka eky'okwegulumiza eri abalala; nti munsi eyo edakko, nga bwekili mw'eno, omwoyo gujja kweyongera okukulakulana era ebikwata ku busobozi bwagwo obw'omwoyo obuzimbiddwa wano bijja kutugasa era bituyambeko eyo; nti tujja kutegeera abo abaagalwa baffe mu mbeera z'eyo ezitali za wano, tujja kujjukira obulamu bwaffe munsi eno era tujja kunyumirwa eky'okubeera awamu n'emyoyo emitukuvu era emissukkulumu.

Ekitundu kino kiggalwawo n'olunyiriri okuva mu byawandiikibwa Bahá'u'lláh mu kino nga tukakasibwa kw'ebyo byetunafuna munsi eyo eddako era ne tukubirizibwa obutakkiriza nkyukakyuka n'eby'emikisa ebituukawo mu bulamu obw'ensi eno okutuleetera okunyolwa/enyiike. Abenyigidde mu kuyiga basabibwa okufumitiriza, nate, kw'ekyo kyebayize ne kyekinaleetawo mu bulamu bwabwe bwenyini.



Okutegeera Ebyawandiikibwa ebya Bahá'í

Ekigendelerwa

Okuggumizza omuze ogw'okusoma enyiriri okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu buli lunaku era n'okufumitiriza kw'ekyo kyebitegeeza.

AKATUNDU 1

Ekigendelerwa eky'ekitundu kino ky'eky'okukuyamba okuzimba n'okuggumiza omuzze ogw'okusoma enyiriri okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu buli lunaku n'okufumitiriza ku makulu gabyo. Ekitundu kitandika n'eby'okukolebwa ebyangu ebikusaba okusoma olunyiriri okuva mu Byawandiikibwa era n'okwanukula ekibuuzo, ekyo kyobeera oyanukudde nga lwelwo olunyiriri lwenyini. Newankubadde kyangu okutuukiriza, eby'okukola ebyo bijja kukuyamba okurowooza ku makulu ag'ebigambo by'onabeera osazeewo okusoma era n'okubikwata obukusu.

"Okutereeza okw'ensi kisoboka okutuukibwako nga tuyita mu bikolwa ebirongoofu era ebirungi, nga tuyita mu neyisa ezikkirizibbwa era ezisiimibwa." [1]

1. Okutereeza okw'ensi kisoboka kutuukibwako kitya? _____

_____

_____

"Mwegendereze, Abange mwe abantu ba Bahá, muleke nga okutambulira mu makubo ag'abo nga ebigambo byabwe byawukana okuva ku bikolwa byabwe." [2]

2. Mu makubo ag'ab'ani getutasaana kutambuliramu? _____

_____

_____

"Owange gwe Omwana ow'Obulamu!
Wekeberenga buli lunaku nga tonnaba kuyitibwa kwenyonyorako ..." [3]

3. Twandikoze ki nga tetunnaba kuyitibwa kwenyonyorako?

_____

_____

"Mwatule nti: Abange mwe ab'oluganda! Mukkirize ebikolwa, so si ebigambo, bibeere ekyambalo kyammwe…" [4]

4. Biki ebyo ebirina okubeera ebyambalo byaffe eby'amazima?_____

_____

_____

"Ebigambo ebitukuvu n'ebikolwa ebirongoofu era ebirungi byambuka eri eggulu ery'ekitiibwa ekisingira ddala" [5]

5. Ebigambo ebitukuvu n'ebikolwa ebirongoofu era ebirungi bikola ki? _____

_____

_____

AKATUNDU 2

Wammanga awo by'eby'okukolebwa ebiwerako ebikwatagana n'ebyo ebinokoddwa bye mwakamaliriza okusoma. Bigenderedde okubayamba okufumitiriza ennyo ku makulu ag'enyiriri ezisomebwa mu kabinja kammwe era kino tekirina kukolebwa mu ngeri ey'okukanikirila. Kino tekitegeeza nti buli eky'okukolebwa kyetaaga okuteesako kungi nnyo. Wabula, eky'okukolebwa bwekibeera kibasomooza, omuluŋŋamya ow'akabinja kamwe ajja kubayamba okukiyitamu obulungi mu bujjuvu.

1. Ekintu bwekibeera "kisiimibwa", kibeera kigwanidde okutederezebwa. Biriwa ku bino wammanga ebisiimibwa?

   ____ Okubeera omukozi omulungi

   ____ Okuwa abantu abalala ekitiibwa

   ____ Okunyiikira muby'emisomo

   ____ Okubeera omulimba

   ____ Okubeera omugayaavu

   ____ Okubeera omuweereza eri abalala

2. Ebigambo bino eby'awamu "nga tonnaba kuyitibwa kwenyonyorako" bitegeeza ki? _____

3. Biriwa ku bino ebyogerwako wammanga ebirimu amazima?

   ____Waliwo abantu batono nnyo abalungi mu nsi nti ebikolwa byabwe tebirina mugaso gwonna.

   ____ Ekintu kibeera kituufu bwe kibeera kikkiriziganya n'endowooza ez'abantu abalala.

   ____ Ekintu kibeera kituufu bwe kibeera kikkiriziganya n'ensomesa eya Katonda.

4. Biriwa ku bikolwa bino wammanga ebirongoofu era ebirungi?

   ____ Okulabilira n'okusomesa abaana abato

   ____ Obubbi.

   ____ Okusabira abalala basobole okukulakulana

   ____ Okulimbako akatono osobole okuva mu kizibu

   ____ Okuyamba abalala nga osuubira empeera

5. Mu mbeera ki wammanga mwetulabira ebigambo eby'omuntu nga byawukana ku bikolwa bye?

____ Omuntu asiiba akubiriza nti ffena tulina okubeera obumu wabula nga ye yeyisa mu ngeri eleetawo obutabanguko(embiranye).

____ Omuntu atendereza obulungi obuli mu bulamu obulungoofu wabula nga yetaba mu bikolwa eby'obwenzi wabweru w'obufumbo.

____ Omu ku bantu atera okunywa omwenge, ng'atte bwakakasa nga bwagobel era Enzikiriza etakkiriza kugunywa.

____ Omu ku bantu alwanilira omwenkano-nkano wakati w'abaami n'abakyala wabula ye nga omukozesa ku murimu, abakyala abasasula kitono okusin ga abaami ng'atte bakola omurimu gwegumu

6. Kikkirizibwa owa Bahá'í okwenenya ebibi eri omuntu omulala? _____

_____

7. Omukyala oba omwami yandikoze ki mu kifo eky'okwenenya? _____

_____

8. Ebigambo "eggulu ery'ekitiibwa ekisingira ddala" bitegeeza ki? _____

_____

9. Kiki ekyo ebikolwa ebibi kyebisobola okuleetawo ku nsi? _____

_____

10. Kiki ebibi kyebisobola okuleetawo eri abo ababikola? _____

_____

AKATUNDU 3

Kati soma era wefumitirize ku binokoddwa okuva mu Byawandiikibwa. Olwo olyoke ogezeeko okubikwata obukusu.

"Amazima gwe musingi ogw'empisa ennungi zonna ez'abantu." [6]

1. Omusingi gw'empisa ennungi zonna ez'abantu gwe guliwa? _____

_____

_____

"Awatali mazima enkulakulana n'obuwanguzi, mu nsi zonna eza Katonda, tebisoboka eri omwoyo gwonna." [7]

2. Kiki ekitasoboka awatali mazima? _____

_____

“Abange mwe abantu, murunjiye ennimi zammwe mw’ebyo eby’amazima, era mwambaze emyoyo gyamwe mu kyambalo eky’obulambulukufu.”[8]

3. Ennimi zaffe tusaana tuzirunjiye mu ki? _____
_____

4. Emyoyo gyaffe tusaana tugyambaze mu ki? _____
_____

“Kkiriza eriiso lyo libeere lirongoofu, omukono gwo gubeere mwesigwa, olulimi lwo lubeere lw’amazima n’omutima gwo gubeere mutangaavu.”[9]

5. Eriiso lyaffe lisaana libeera litya? _____ Omukono gwaffe? _____ Olulimi lwaffe? _____ Omutima gwaffe? _____

“Abo ababeera munda mu weema ya Katonda, era nga bakkalidde awo awatuulibwa awajjudde ekitiibwa ekitakoma, baligaana, newankubadde balibeera baffa enjala, okugolola emikono gyabwe ne bawamba mu bumenyi bw’amateeka ebintu ebya muliranwa wabwe, newankubadde yenyinyarwa era nga talina makulu.”[10]

6. Kiki kyetulina okugaana okukola newankubadde tuffa enjala? _____
_____
_____

AKATUNDU 4

Nga bwe mwalabye mu Kitundu 2, ebimu ku by’okukolebwa mu kitundu kino bitusaba okwanukula okuwerekerwako okunyonyola. Mu mbeera nga ezo, singa wabeerawo okubuusabuusa eri okwanukula okumu, omuluŋŋamya ow’akabinja kamwe ajja kusobola okukuyamba n’abakiise banno okutuuka ku ndowooza ey’awamu. Ku by’okukolebwa ebilara, okukubaganya ebirowoozo kwennyini ky’eky’omuwendo, era tewali kya kwanukula kimu ekisuubirwa. Mu kino eky’okukolebwa 3 wammanga, ky’ekika ekisookera ddala, atte olwo eky’okukolebwa 6 kigwa mu ttuluba ery’okubiri.

1. Amazima gwe musingi ogw’empisa ennungi zonna ez’abantu. Menya yo olukalala olw’empisa ez’abantu ttaano.
_____
_____

2. Tusobola okufuna ebisaanizo bino nga tetulina mazima? _____
_____

3. Biriwa ku bino ebyogerwako wammanga awo ebirimu amazima?

____ Omuntu ayinza okubeera ow'obwenkanya newankubadde nga ayogera eby'obulimba.

____ Omubbi abeera n'omukono omwesigwa.

____ Omukono omwesigwa tegukwatira ddala ku bintu ebitali byagwo.

____ Okutunuulira eby'obukunya-obuseegu kikontana n'okubuulirira okwa Bahá'u'lláh okw'okubeera n'eriiso elirongoofu.

____ Amazima kitegeeza obutalimba.

___ Obulambulukufu kibeera ekyambalo eky'omwoyo.

___ Omuntu atali w'amazima asobola okukulakulana mu by'omwoyo.

___ Tekirina buzibu okulimba buli oluvanyuma olw'akaseera.

___ Obubbi bukkirizibwa mu maaso ga Katonda singa omuntu abeera alumwa enjala.

___ Okutwala ekintu okuva ku nannyini kyo nga tabawadde lukusa, nga turowooza nti tujja kukikomyawo oluvanyuma, tekubeera kubba.

___ Bwe tweyisa nga abalambulukufu, n'ab'obwenkanya era ab'amazima, omutima gwaffe gufuna okutangaazibwa.

___ Tekisoboka kuleetawo kuyitimuka mu murimu ogw'ebyenfuna nga tokump anyiza

4. Kisoboka omuntu okwelimba? _____

5. Kiki kye tusubwa nga twatula eby'obulimba? _____
   _____

6. Ensi yandibadde etya singa ffena twali ba mazima era abalambulukufu? _____
   _____
   _____
   _____

AKATUNDU 5

Musome ebyawandiikibwa ebinokoddwa wammanga awo era mugezeeko okubiyigira ku mitima. Okukwata obukusu ebinokoddwa okuva mu Byawandiikibwa kivaamu empeera ensuffu, era mufube nnyo okukikola. Kimanyikiddwa, nti si buli omu, ayanguyirwa okukwata obukusu Ebyawandiikibwa. Wabula, okufuba okukituukiriza, kituyambako okunyweza ebyo ebiyigiddwa ku mitima gyaffe ne mu ndowooza era n'okubyolesa mu bigambo ebitayawukana ku kiwandiiko kyenyini ekituweereddwa.

> **"Olulimi olwatula eby'ekisa ly'ejjinja-erisikiriza emitima egy'abantu. Gwe mugaati ogw'omwoyo, lwambaza ebigambo mu by'amakulu, y'ensulo ey'ekitangaala eky'amagezi n'okutegeera."** [11]

1. Olulimi olwatula eby'ekisa luyinza kunnyonyolwa lutya? _____

_____

_____

_____

2. Olulimi olwatula eby'ekisa luleetawo ki ku bigambo? _____

_____

"Abange abagalwa ba Mukama! Mu Kyasa kino eky'omuwendo, embiranye n'okuyomba tebikkirizibwa mu buli ngeri yonna. Buli mulumbaganyi yefiiriza yekka ekisa kya Katonda."[12]

3. Okusinziira ku kyawandiikibwa ekinokodwa waggulu awo, kiki ekyo ekitakkirizibwa mu kyasa kino?_____

_____

4. Omulumbaganyi kiki kye yetuusako? _____

_____

"Teri kintu kyonna newankubadde kisobola, mu Lunaku luno, okuleetawo obulabe obusingako eri Enzikkiriza eno okusinga obutakaanya-obutakoma n'okusunguwala, okuyomba, obusosoze n'okuggwamu omukwano, wakati mu abo abaagalwa ba Katonda."[13]

5. Mbeera ki ezisingira ddala okukosa Enzikkiriza ya Katonda?_____

_____

_____

"Tobeera mumativu nga olaga omukwano mu bigambo byokka, kkiriza omutima gwo gubumbujje n'ekisa ekijjudde okwagala eri bonna abanakusisinkana nga mu kkubo lyo".[14]

6. Mukwano gwa kika ki ogutasaana kutumatiza? _____

_____

7. Kiki ekyo ekisaana okubumbujira mu mutima gwaffe? _____

_____

"Ekirowoozo eky'olutalo bwe kikujjira, kilwanise n'ekirowoozo eky'emirembe ekisingako amaanyi. Ekirowoozo ky'obukyayi kiteekeddwa okusanyizibwawo n'ekirowoozo eky'okwagala ekisingirako ddala amaanyi."[15]

8. Kiki ekyo kyetusaanye okukozesa nga tulwanisa ekirowoozo eky'olutalo? ____

_____

_____

9. Kiki ekyo kyetusaanye okukozesa nga tulwanisa ekirowoozo eky'obukyayi? ___

_____

_____

AKATUNDU 6

Nga ebinokoddwa ebyo waggulu bikyali mu ndowooza yo, jjuzaamu eby'okukola bino wammanga:

1. "Ejjinja-erisikiriza" kye kigambo ekilara ekitegeeza magineeti. Mu ngeri ki olulimi olwatula eby'ekisa gye lukolamu nga ejjinja -erisikiriza? _____

_____

2. Biriwa ku bino ebyogerwako wammanga awo ebisibuka okuva mu lulimi olwatula eby'ekisa:

____ "Tontawaanya!"

____ "Lwaki kino tokitegeera?"

____ "Ofaayo singa olindako, bambi?"

____ "Bano abaana ba mitawaana kika ki oba!"

____ "Neyanzizza, oli wa ekisa nnyo."

____ "Sirina budde bwo kati. Nina byenkyakola."

3. Ziriwa ku zino embeera wammanga eziraga embiranye n'okuyomba?

____ Abantu babiri bawa endowooza ezenjawulo ku mulamwa mu kiseera eky'okukubaganya ebirowoozo.

____ Abantu babiri bakyankalana ne batandika okukayana mu kiseera eky'okukukubaganya ebirowoozo.

____ Abantu babiri balekera okwetaba mu lukuŋŋana olw'okunyikkira mu by'omwoyo olwa buli wiiki kubanga buli omu tayogerezeganya ne munne.

____ Abanywanyi mu kabinja abazze awamu okubeerako omulimu gwe batu ukiriza, basiiba bemulugunya nga buli omu anenya munne olw'obutatuuki riza buvunanyizibwa bwe.

4. Ziriwa ku zino embeera wammanga eziraga obubonero obw'okuggwamu omukwano?

____ Ab'emikwano babiri beyisiŋŋanya mu kkubo wabula buli omu ku bbo neyefuula atalabye munne.

____ Omu ku bantu atuuka mu lukuŋŋana olw'okunyikkira mu by'omwoyo era buli omu n'amwaniriza bulunji.

____ Newankubadde buli omu ayogeza bukkakkamu eri munne, abanywanyi babiri mu kibinja tebewulira nga abandibadde benyigira mu murimu gwe gumu nga bali wamu.

5. Salawo oba bino ebyogerwako wammanga awo birimu amazima:

____ Omuntu alina okwogera ekyo kyenyini ky'alowooza ku banne; talina ku faayo singa kibeera kibaleetera obulumi ku mitima gyabwe.

____ Kibeera kituufu okulimba kulw'okwewala embiranye.

____ Embiranye zisobola okujibwawo nga tuyita mu kwagala n'ekisa.

____ Ebigambo tusobola okwongera okubiganyurwamu singa bibeera byoged dwa mu kwagala.

____ Kibeera kituufu okulwana n'omuntu omulala singa abeera nga yasoose okukuyikirizza.

____ Omuntu alina eddembe okubogolera banne bw'abeera omulwadde oba omunakuwavu.

____ Si kikolwa kyakisa okusekelera abantu abalala oluvanyuma olw'okukola ensobi.

____ Bwe wabeerawo obutakkaanya wakati w'ab'emikwano, buli omu ku bbo alina okufuba ennyo okukola ebimukuumira eri munne.

____ Bwe wabeerawo obutakkaanya wakati w'abemikwano, buli omu ku bbo alina okulindako okutuusa nga munne afubye okumusembelera.

AKATUNDU 7

Musome ebyo ebinokoddwa wammanga awo era mu bikwate obukusu:

". . . okugeya kuzikiza ekitangaala eky'omutima, era kuzikiriza obulamu obw'omwoyo." [16]

"Tosiinya nga ku bikolwa ebibi eby'abalala naddala nga naawe okyali mukozi wa bibi."[17]

"**Toyogera kibi, nti olwo nawe oleke okukiwulira nga kikwogerwako, era tozimbulukusa ebyo ebisobye eby'abalala nti olwo n'ebyo ebibyo bileke okulabika nga ebinene ddala; ..."**[18]

"Owange gwe Omwana Ow'obulamu! Oyinza otya okwelabira okusobya kwo ne wemalira ku bisobye eby'abalala?"[19]

1. Kiki ekyo ekituukawo kw'oyo abeera yenyigidde mu kikolwa eky'okugeya? ___

_____

_____

2. Kiki ekyo kyetusaanye okurowoozako nga tetunnaba kusiinya ku bibi eby'abalala? _____

3. Kiki ekyo ekigenda okututuukako singa tuzimbulukusa ensobi ez'abalala? ____

_____

4. Kiki kyetulina okujjukira bwe turowooza ku nsobi ez'abantu abalala? _____

_____

AKATUNDU 8

Nga mukyalina ebinokoddwa waggulu awo mu ndowooza, mukole bino eby'okukolebwa wammanga awo:

1. Kiki ekyo ekituuka ku nkulakulana ey'omwoyo ogw'omuntu ateeka essila ku nsobi ez'abantu abalala? _____

_____

2. Okugeya kuleetawo ki ku kitundu kwetubeera?

_____

_____

3. Kiki kyewetaaga okukola singa mukwano gwo atandika okwogera ku nsobi ez'omuntu omulala? _____

4. Salawo oba ebyogerwako wammanga awo birimu amazima:

_____ Bwe twogera ku nsobi ez'omuntu zenyini ezirabikako, tubeera tetugeya.

_____ Bwe twogera ku empisa ez'omuntu ezisiimibwa ne ku nsobi ze mu kiseera kye kimu, tubeera tetugeya.

_____ Okugeya kufuuse ekikorwa ekyabulijjo mu bantu betubeera nabo, era tusaana okuyiiyayo engeri oy'okukyewala.

_____ Oyo awuliriza singa abeera asuubiza obutasasaanya ekyo kyetubeera twogeddeko ku muntu omulala, okugeya tekubeera na buzibu bwonna.

_____ Okugeya bwe bumu ku balabe obusingira ddala obubi eri Obumu bwa abantu.

_____ Ssinga tufuna omuze ogw'okwogera ku bantu abalala ekiseera kyonna, tusobola okwanguyirwa okuwenyigira mu muze ogw'okugeya.

_____ Obusobozi obw'abantu abenjawulo bwe bukubaganyizibwako ebirwoozo mu Lukiiko lw'Omwoyo Olw'ekitundu n'ekigendelerwa eky'okutondawo akatongole, kuno kubeera kugeya.

_____ Bwe tufuna ekitusindikiriza okugeya, tulina okujjukira ensobi zaffe zeny inni.

_____ Bwe tumanya ku muntu eyenyigira mu kikolwa ekikosa Enzikiriza, tulina okukikubaganyaako ebirowoozo awamu ne bannaffe mu kitundu.

_____ Bwe tumanya ku muntu eyenyigiri mu kikolwa ekikosa Enzikiriza, Olukiiko olw'Omyoyo Olw'ekitundu lwokka lwe tulina okutegeeza.

_____ Si kikyamu abafumbo okwogera ku nsobi ez'abantu abalala kubanga teba lina kukweekagana byama.

AKATUNDU 9

Ekigendelerwa eky'ekitundu kino, nga bwe kyayogeddwako mu ntandikwa, kwe kuyamba abo abetaba mu kawefube wabwe ow'okukulakulana n'okuggumiza omuze ogw'okusoma ebinokoddwa okuva mu Byawandiikiwa Ebitukuvu buli lunaku era n'okwefumitiriza ku makulu gabyo. Okusoma enyiriri za Katonda buli ku makya n'olweggulo nsomesa ya Bahá'u'lláh eyetaagibwa eri enkulakulana yaffe mu by'omwoyo. Ekiwandiike ekinokoddwa wammanga awo kitujjukiza kw'ebyo ebirabo byetufuna okuva mu kutuukiriza obuvunanyizibwa buno, era okubirizibwa okukikwata obukusu.

> **"Mwenyikke mu ssemayanja ey'ebigambo Byange, nti olwonno musobole okukwekula ebyama ebigirimu, era muzuule eby'omuwendo eby'amagezi ebisangibwa eyo wansi mu ntobo yaayo."**

Engeri gyemumalirizza ekitundu kino, muli ba ddembe okufuna ekitabo ekirimu Ebyawandiikibwa ebya Bahá'u'lláh era mu bisome buli lunaku. Ebigambo Ebikusike ky'ekimu kw'ebyo bye mwandisookeddeko okulundako.

EBIJULIZIDDWA

1. Bahá'u'lláh, cited by Shoghi Effendi, The Advent of Divine Justice (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 2006, 2018 printing), par. 39, pp. 36–37.
2. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 1983, 2017 printing), CXXXIX, par. 8, p. 345.
3. Bahá'u'lláh, The Hidden Words (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 2003, 2012 printing), Arabic no. 31, p. 11.
4. Ibid., Persian no. 5, p. 24.
5. Ibid., Persian no. 69, p. 46.
6. Abdu'l-Bahá, cited by Shoghi Effendi, The Advent of Divine Justice, par. 40, p. 39.
7. Ibid.
8. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh, CXXXVI, par. 6, p. 336.
9. Tablets of Bahá'u'lláh Revealed after the Kitáb-i-Aqdas (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 1988, 2005 printing), no. 9.5, p. 138.
10. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh, CXXXVII, par. 3, p. 338.
11. Ibid., CXXXII, par. 5, p. 327.
12. Will and Testament of 'Abdu'l-Bahá (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 1944, 2013 printing), p. 26.
13. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh, V, par. 5, p. 8.
14. From a talk given on 16 and 17 October 1911, published in Paris Talks: Addresses Given by 'Abdu'l-Bahá in 1911 (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2006, 2016 printing), no. 1.7, p. 6.
15. From a talk given by 'Abdu'l-Bahá on 21 October 1911, ibid., no. 6.7, p. 22
16. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh, CXXV, par. 3, p. 300.
17. The Hidden Words, Arabic no. 27, p. 10.
18. Ibid., Persian no. 44, p. 37.
19. Ibid., Arabic no. 26, p. 10.
20. Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh, LXX, par. 2, p. 154.



Essaala

Ekigendelerwa

Okufumitiriza ku makulu agali mu ssaala era n'okuggumiza omuze ogw'okunyikkira mu ssaala buli olukedde.

AKATUNDU 1

Emisomo egya Ruhi Institute jirina ekigendelerwa eky'okuyamba abagyetabamu okutambulira mu kkubo ery'obuweereza. Tutambulira mu lino ekkubo nga ekitusikiriza kwekumanya kwetuzuula ku bigendelerwa ebibiri eby'awamu–eky'okukula mu by'omwoyo ne muby'amagezi agatukulakulanya kunsi eno era n'eky'okubeerako kyetuwaayo ku nkyuka-kyuka mu mbeera ezomubantu. Zino ensonga ebbiri ez'ekigendelerwa kyaffe tezisobola kwawulwamu buli emu okuva ku jinaayo. Bahá'u'lláh atukubiriza mu kimu ku biwandiike:

> **"Temwemalira mu nsonga zammwe; muleke ebirowoozo byamwe biteekebwe kw'ekyo ekinaddabiriza eky'obugaga eky'abantu n'ekinagulumiza emitima n'emyoyo egy'abantu."** [1]
>
> Mu kiwandiike ekilara, Alambulula;
>
> **"…ekigendelerwa ekyaviirako abantu mu nsi eno, okuva awataali kantu konna, olwo ne balabikira mw'ebyo ebitondeddwa, kwe kubeera nga bakolelera okuleetawo obulungi obw'ensi era n'okubeera awamu mu mirembe n'okukkiriziganya"** [2]
>
> Mu kugerageranya ku mbeera yaffe ettali eno ey'omubiri, Alangilira;
>
> **"Omutima omulongoofu guli nga endabirwaamu; gulongoose n'ekiwero eky'okwagala kwonna n'okwelekereza byonna okujjako Katonda, nti olwo omusana ogwa namaddala gusobole okugwakiramu era n'amakya ag'olubeelera galabike."** [3]
>
> Era Abdu'l-Bahá Atugamba;
>
> **Emitima gyamwe jiteekeddwa okubeera emirongoofu era n'ebigendelerwa byamwe nga byerufu olw'ekyo kibasobozese okufuna ku bugabirizi obutukuvu."** [4] **"**

1. Kiki ekyo kyetulina okuteetako ennyo ebirowoozo n'okufaayo kwaffe? _____
   _____
   _____

2. Kigendelerwa ki ekyatuleetera okuva awataali kantu konna ne tulabikira mw'ebyo ebitondeddwa? _____
   _____
   _____

3. Kiki ekyo kyetulina okukozesa nga tulongoosa endabirwamu ey'omutima gwaffe?
   _____
   _____
   _____

4. Ziriwa ezimu kw'ezo embeera ezisikiriza obugabirizi obutukuvu? _____
_____
_____

5. Waliwo ku bino wammanga ebirimu amazima?
_____ Ekisooka olina okwelabilira, olwo n'oryoka olabilira abantu abalala.

_____ Singa osiiba oyamba abalala, ojja kumaliriza nga ebiluubilirwa ebibyo bikulemye okutuukiriza.

_____Ye gwe mukwano gwo akusingira (ow'okulusegere).

_____ Ekyo ekisingira ddala omugaso kwekuzuula ekyo ekikufuula omusanyusa.

_____ Ggobelera ebirooto byo, era bye bijja okukutuusa ku sanyu.

_____ Gwe kasita obeera nga tewali gwoli mu kulumya mulala yenna, osobola okukola kyonna ky'obeera oyagadde.

_____ Tekirina buzibu ebigendelerwa byo okubeera eby'okweyagariza (eby'obukodo), kasita obeera nga okola ku birungi.

AKATUNDU 2

Eyo ensonga enkulu eyawakati etusindikiriza okutuukiriza ebigendelerwa byaffe ebibiri eby'awamu eri nti ffena tutondeddwa nga tuli bakungu. Bahá'u'lláh Agamba:

> **"Ayi omwana Ow'Omwoyo! Nakutonda nga oli mugagga, lwaki weteeka wansi mu bwavu? Nakufuula Omukungu, olwo no lwaki wefeebya? Nga Nsinziira ku makulu agali mu kumanya Nakuwa obulamu, lwaki onoonya okutangaazibwa okuva eri omulala yenna atali Nze? Okuva mu bbumba ery'okwagala nakubumba, oyinza otya okumalira obudde bwo ku mulala? Wetunulire, oryoke Onsange nga nyimiridde mu gwe, mu buyinza, mu maanyi era n'okwemalilira."** [5]

Okujjuza mu mabanga wammanga kijja kukuyamba okufumiitiriza ku kiwandiike kino:

"Ayi omwana w'Omwoyo! Nakutonda nga oli _____, lwaki weteeka _____ mu _____? _____ _____, olwo no lwaki _____? Nga Nsinziira ku _____ agali mu _____ Nakuwa obulamu, _____ onoonya _____okuva eri omulala yenna atali _____? Okuva mu bbumba ery'_____ nakubumba, oyinza otya _____ bwo ku _____? Wetunulire, oly-

ooke _____ nga nyimiridde mu gwe, mu _____, mu _____era _____."

Okubeera ab'amazima eri obukungu obw'emyoyo gyaffe, tuteekeddwa okukyukira Ensibuko ey'okuberawo kwaffe n'okunoonya okutaangazibwa okuva eri Ye. Emu ku ngeri ezitusobozesa okutuukiriza kino kwekuyita mu ssaala. Shoghi Effendi, Guardian ow'Enzikkiriza, atugamba nti ekigendelerwa kyayo ekikulu kwekuleetawo "enkulakulana ey'omuntu ssekin'omu ne mu mbeera ez'abantu bonna ez'ekitundu, nga tuyita mu kufuna ebisaanizo n'amaanyi eby'omwoyo. Omwoyo ogw'omuntu gwe gulina okusooka okuliisibwa. Era kuno okudabulurwa okw'omwoyo essaala yesobolera ddala okukitutuusako."[6]

AKATUNDU 3

Katonda Ye Nanyini Kumanya okwa Byonna, Nanyini Magezi Gonna. Yatutonda era amanyi ekiri mu mitima gyaffe n'ekyo ekisinga okutugwanira.

Abdu'l-Bahá atugamba:

"Mu ssaala esingira ddala okubeera eyawaggulu, abantu banyikkira mu ssaala ku lw'okwagala kwe balina eri Katonda kwokka, si kubanga bamutya oba nti batya eggeyeena, oba okusuubira omukisa oba eggulu…. Omuntu bwafuna okwagala eri muntu munne, kibeera tekisoboka ye okwewala eky'okwatula erinnya ery'omwagalwa we. Obuzibu bwenkana butya bwetufuna obutulemesa okwatula Erinya lya Katonda nga omuntu afunye okwagala eri Ye…. Omuntu ow'omwoyo tafuna ssanyu mu kintu ekilara kyonna okujjako mu ku jjukira Katonda." [7]

Era mu kuddamu ekibuuzo, Anyonyola:

"Singa ow'omukwano omu abeera ayagadde munne, si kya butonde nti yandyesunze okukyatula? Newankubadde akimanyi nti mukwano gwe oyo akimanyi nti amwagala, era tasigala nga yesunga okukimugamba? ... Kituufu nti Katonda amanyi emitima gyonna kye gyesunga; wabula ekyo ekituleetera okunyikkira mu ssaala kiri mu butonde, nga kisibuka okuva mu kwagala omuntu kwalina eri Katonda" [8]

1. Maliriza ebiwandiiko bino wammanga:

   a. Mu ssaala _____, abantu banyikkira mu ssaala ku lw'_____ kwe balina eri Katonda kwokka, si kubanga bamutya oba nti batya _____, oba okusuubira _____ oba _____.

   b. Bwetufuna _____ eri muntu munnaffe, kibee ra_____ okwewala eky'okwatula erinnya ery'omwagalwa we. _____bwenkana butya bwetufuna

obutulemesa _____ Erinya lya _____
nga omuntu afunye _____ eri Ye.

c. Omuntu ow'omwoyo tafuna _____ mu kintu ekilara kyonna okujjako mu _____ Katonda.

2. Lwaki tunyikkira mu ssaala? _____
_____

3. Ekiwandiike "okujjukira Katonda" kitegeeza ki? _____
_____
_____

4. Kiluubilirwa ki ekyo omuntu ayagala munne ky'asinga okubeera nakyo? _____
_____
_____

5. Ekyo ekituleetera okunyikkira mu ssaala kisibuka wa? _____
_____
_____

AKATUNDU 4

Mu ssaala eyabikkulwa Bahá'u'lláh, tusoma:

"Nkwegayilira…. Ofuule essaala yange omuliro ogunayokya entimbe ezinziyiza okulaba obulungi Bwo, era ekitangaala ekinankulembera okutuuka ku ssemayanja ow'Okubeerawo Kwo"[9]

Mu ssaala yemu eyo, tusaba Katonda;

"Fuula essaala yange, Ayi Mukama wange, ensulo ey'amazzi ag'obulamu n'olwekyo nsobole okubeera mu bulamu obunawangaala nga Obuyinza bwo obutagwawo, era nsobole okwatula Erinya Lyo mu buli nsi kw'ezo ensi Zo."[10]

1. Mu ngeri ki essaala mw'esobolera okubeera nga omuliro? Kiki ekyo ky'essaanyawo? _____
_____

2. Menyayo ezimu ku ntimbe ezituziyiza okuva eri Katonda. _____
_____

3. Essaala esobola okubeera nga ekitangaala? Ewa gy'etukulembera okutuuka? __
_____
_____

4. Essaala esobola okubeera nga ensulo ey'amazzi ag'obulamu? Kiki ky'ewa emyoyo gyaffe? _____

_____

AKATUNDU 5

Soma era ofumitirize ku bino ebigambo ebya Abdul-Bahá;

"Teri kintu kiwoomu mu nsi ey'ebintu ebitondeddwa ekisinga essaala. Omuntu ateekeddwa okubeerawo mu mbeera ey'essaala. Embeera esingira ddala okuweebwa omukisa y'embeera ey'essaala n'okwegayilira. Essaala kwe kunyumya ne Katonda. Ekituukibwako ekisingira ddala oba embeera esingira ddala obuwoomu si ndala yonna, okujjako okunyumya ne Katonda. Etondawo eby'omwoyo, etondawo okufaayo n'okwewulira okutukuvu, eleetawo ebisikirizibwa ebipya okuva mu Bwakabaka era n'etuleetera okutegeera okwekika okisingako ekyawaggulu"[11]

1. Mbeera ki munsi ey'ebintu ebitondeddwa, esingira ddala obuwoomu? _____

_____

2. Olunyiriri "embeera ey'essaala" lutegeezaki? _____

_____

_____

3. Menyayo ebimu ku bisaanizo ebitondebwawo essaala? _____

_____

_____

4. Ddamu wetegereze ebinokoddwa by'osomyeko mu buno obutundu obutonotono era owandiike enyiriri taano ez'ekuusa ku kikula eky'essaala.

- Essala_____
- Essala_____
- Essala_____
- Essala_____
- Essala_____

AKATUNDU 6

Soma ebigambo ebiddako wammanga awo ebya Bahá'u'lláh era obinyikke mu ndowooza yo;

"Yatula, Ayi omuweereza Wange, enyiriri eza Katonda nga bw'ozifunye, nga bwezatuddwa abo abasembedde okumpi Naye, nti olwo obuwoomi obw'eddoboozi lyo busobole okukoleeza ekitangaala eky'omwoyo gwo gwenyini, era busikirize emitima egy'abantu bonna. Oyo yenna ayatula enyiriri Katonda z'atubikulidde ng'ali mu kaseera ke ak'ekyama mu kisenge kye, ba malayika abali mu ku sasaana ab'Oyo Ow'obuyinza bajja kusasaanya ewala obwo obuwoowo obw'ebigambo ebyatuddwa omumwa gwe, era guleetere buli mutima ogw'omuntu atambulira mu mazima okukyamuka. Wadde nga, mu kusooka, ayinza okusigala nga tannaba kuzuula ekyo ekituusewo, kyokka no mu kiseera eky'okumpi, oba eky'ewala ako akabonero ak'ekisa akamuteekeddwako kajja kwetaaga okubeerako kyekaleetawo ku mwoyo gwe. Bwebityo ebikusike eby'Okubikkulirwa okwa Katonda bwe bituweereddwa akabonero ak'Okugera Kwe, Oyo Ensibuko ey'amaanyi n'amagezi"[12]

1. Ekigambo "Yatula" kitegeeza ki? _____
   _____
   _____

2. Enyiriri za Katonda tulina kuzatula tutya? _____
   _____
   _____
   _____

3. Ekigambo "Okwatula" kitegeeza ki? _____
   _____
   _____

4. Ekigambo "okusasaanya" kitegeeza ki? _____
   _____
   _____

5. Obuwoomi obw'eddoboozi lyaffe bujja kuleetawo ki ku mitima egy'abalala? ___
   _____
   _____

6. Obuwoomu obw'eddoboozi lyaffe bujja kuleetawo ki ku mitima egy'abalala? __
   _____
   _____

AKATUNDU 7

Oyinza okwetaaga okukwata obukusu enyiriri zino ebbiri wammanga okuva mu ssaala ezabikulirwa Bahá'u'lláh:

"Ayi Katonda, Ayi Katonda wange! Totunulira kusuubira kwange n'ebikolwa byange, wabula tunulira Okugera Kwo okubuutikidde eggulu n'ensi. Ku

lw'Erinya Lyo Elisingira ddala amanya gonna, Ayi Gwe Mukama w'amawanga gonna! Negombye ebyo byokka Ggwe bye wegomba era njagala ebyo byokka Ggwe by'oyagala."[13]

"Oli waggulu nnyo okussukka ku ttendo erikuweebwa abo abakusembelera nti terisobola kwambuka okutuuka mu ggulu ery'okukuliraana, oba ku lw'ebinyonyi eby'emitima gy'abo abewaddeyo eri Ggwe okutuuka ku lujji olwa wankaaki Yo. Nkikakasa nti Gwe osukkulumye waggulu w'ebisaanizo byonna era nti oli mutukuvu waggulu w'amanya gonna. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Asingira ddala Okugulumizibwa, Nanyini Kitiibwa-Kyonna."[14]

AKATUNDU 8

Abdu'l-Bahá ayatula:

"Kimukakatako oyo omuweereza okumusaba era n'okunoonya obuyambi okuva eri Katonda, era okwegayilira n'okuyayanira obuyambi Bwe. Ekyo ky'ekifuuka eddaala ery'obuweereza, era Mukama ajja kusalawo kyonna Ky'ayagala, okusinziira ku Magezi Ge amatuukirivu."[15]

Era Anyonyola:

"Omwoyo gutuleetera okukola; essaala erina enkyukakyuka gy'eleetawo ey'omwoyo. N'olw'ekyo, tusaba, 'Ayi Katonda! Wonya omurwadde ono!" Awali-omukisa Katonda ajja kutuddamu. Kikola amakulu ani abeera asaba? Katonda ajja kuddamu essaala ya buli muweereza singa esaala eyo ebeera yetaaga okukwanukulwa mu bwangu. Ekisa Kye kiyitirivu, tekikoma. Ayanukula essaala ez'abaweereza Be bonna. Ayanukula essaala ey'ekimera kino. Ekimera kinyikkira mu saala mu bukusike 'Ayi Katonda! Nsindikira ku nkuba!' Katonda ayanukula esaala eyo era ekimera ne kikula. Katonda ajja kwanukula Essaala ya buli muntu yenna."[16]

Kya butonde nti mu ssaala zaffe tubeera tusaba Katonda okutuukiriza byetwetaaga. Ku lw'ekyo tumusaba atuleetere embeera ennungi mu by'obulamu bwaffe neby'abagalwa baffe, tusaba atuleetere enkulakulana muby'omwoyo ne muby'omubiri eby'abo betubeera nabo mu maka gaffe era ne tusaba okuluŋŋamizibwa. Tusaba tufune amaanyi, tufune okukkiriza, era n'okufuna okwanukulwa mu kubbo ery'obuweereza. Bwetunyikkira mu ssaala eri Katonda, tuteekeddwa, naddala, okujjukira nti ekilubilirwa kyaffe mu bulamu kwe kutambuliza byetusalawo okukola mu bulamu bwaffe nga tusinziira ku Kugera Kwe. N'olw'ekyo, tuteekeddwa okwatula essaala nga etuukiriza Okusalawo Kwe, era ne tubeera betegefu okwewaayo eri Kwo. Singa ojjumbira okukwata obukusu ebigambo ebiddako awo ebya Abdu'l-Bahá, bijja kukubeerera ensibuko ey'essanyu n'okukakasibwa obudde bwonna: **"Ayi gwe akyusizza obwenyi bwe nga abutunuliza Katonda! Zibiriza amaaso go eri ebintu ebilara byonna, era ogazibule eri obwakabaka obw'Oyo Nanyini Kitiibwa Kyonna. Saba ekyo kyonna kye wegwanyiza okuva eri Ye Yekka; noonya ekyo kyonna ggwe ky'oyagala okumanya okuva eri Ye Yekka. Mu lutunula lumu agabilira emitwalo kumi egy'ebisuubirwa, mu kutemya kumu okw'eriiso awonya emitwalo kumi egy'endwadde ezitawona, mu lunyeenya olw'omutwe lumu ajjawo obulumi eri buli kiwundu, mu kutunula okw'amangu ddala asumulula emitima okuva mu njegere ez'okunyolwa. Akola nga**

Ye bw'akola, era ffe buyambi ki mu kaseera akazibu bwetulina ng'ogyeko bw'atuwa? Ateeka Okugera Kwe mu nkola, Atugabira Ye ky'abeera asiimye. Ku lw'ekyo kisaana gwe okuvunama omutwe gwo wansi mu bwetowaze, era oteeke obwesigwa bwo mu Oyo Mukama Nanyini Kusaasira kwonna." [17]

AKATUNDU 9

Okuva mu buli kintu kyonna kye twakamaliriza okuyiga okutuusa kati, kitegeerekeka nti okukyukira eri Katonda mu ssaala kyetaagibwa ddala mu bulamu obw'omwoyo. Kyabuwoomu kitya naddala eky'okusaba eri Katonda oluvanyuma nga wakazuukuka kumakya era ne mu budde obwekiro nga tetunnaba kugenda okwebaka. Obudde bwe tumala nga tusaba buli lunaku era n'omuwendo ogw'essaala ze tusaba bisinziira ku byetwetaaga n'ennyonta ey'omwoyo. Eri mu buli mbeera, tusobola okulondako okuva mu ssaala ennyingi ezatubikkulirwa Bahá'u'lláh, Bab ne Abdu'l-Baha. Wabula era Baha'u'llah atubibikulidde essaala eza buli lunaku ez'eteeka ssatu. Shoghi Effendi agamba:

> **"Essaala eza buli lunaku ez'eteeka ziri ssatu. Esinga obumpi erina olunyiriri lumu lwokka oluteekeddwa okwatulwa omurundi gumu mu buli ssaawa abiri mu nnya, mu ttuntu. Ey'ekigero, etandika n'ebigambo," 'Mukama ye mujulizi nti teri Katonda mulala okujjako Ye,' erina okwatulwa emirundi essatu mu lunaku, ku makya, mu ttuntu n'olweggulo. Essaala eno ewelekerwako ebikolwa ebimu ebilabwako. Essaala empanvu, eyo esingira ddala okubeera n'eby'okukola mu zonna essatu, erina okwatulwa omurundi gumu gwokka buli saawa abiri mu nnya era mu budde bwonna omuntu bw'awulira nga ateekeddwa okukikola."**
>
> **"Omukkiriza alina eddembe ery'okulondako emu ku zino essaala essatu, wadde nga kya teeka ye okulondako emu gy'anayatulanga kuzzo era nga asinziira ku kulagilira kwonna okuyinza okubeera nga kugiwerekera."**[18]

Era yeyongerayo:

> **"Zino essaala ezeteeka, awamu n'ezimu ku ndala entono-tono, okugeza nga Essaala ey'Okuwonya, Ekiwandiiko ekyaA hmad, ziweereddwa obusobozi obw'enjawulo era n'amakulu, era n'olwekyo bwezityo bwe zirina okukkirizibwa, era ne zatulwa abakkiriza nga tewali kubuusabuusa kwonna n'obuvumu, nti mu kuyita mu zzo basobole okwongera okusembera okumpi banyumye ne Katonda, era mu bujjuvu beyongere okutambulira mu mateeka Ge n'obukwakulizo."** [19]

Essaala essatu ez'eteeka Bahá'u'lláh zeyatwanjulira zatulwa omuntu ssekin'omu. Ekika ky'essaala ey'awamu mwe tulaba nga essaala ey'eteeka eyatulwa mu kabinja okusinziira ku bumu ku bulombo-lombo teri-yo mu Nzikiriza eya Bahá'í. Essaala ey'abo abavudde mu bulamu obw'omubiri ye yokka egereddwa mu tteeka lya Bahá'í. Eno erina okwatulwa omu ku bakiise ku mukolo ogw'okuziika nga tebannaba kuziika mubiri.

1. Ekigambo "etteeka" kitegeeza ki? _____

   _____

2. Essaala mekka ez'etteeka ezatulibwa buli lunaku Bahá'u'lláh z'atubikulidde? __
_____

3. Tuteekeddwa okwatula essaala zonna essatu buli lunaku? _____

4. Singa tubeera tusazeewo okwatula Essaala ey'etteeka Empaanvu, mirundi emeka gyetulina okugyatula buli lunaku? _____

5. Mirundi emeka, gyetulina okwatula Essaala Eyekigero singa tubeera nga jetulonzeko?
_____

6. Mirundi emeka, singa tubeera tulonzeko Essaala Ennyimpi Eyeteeka? _____
_____

7. Menyayo ezimu ku ssaala ezirina amaanyi ag'enjawulo: _____
_____
_____

8. Kwata obukusu, Essaala Eyeteeka Enyimpi bwoba obadde tonakikola:

"Nina obujulizi, Ayi Katonda wange, nti Gwe wantonda ku lw'okukumanya n'olw'okukusinza. Njulira, mu kaseera kano, ku lw'obunafu bwange ne ku lw'obuyinza Bwo, ku lw'obwavu bwange ne ku lw'obugagga Bwo.

"Teri Katonda mulala yenna okujjako Ggwe, Oyo Obuyambi mu Bizibu, Oyo Eyemalilira."[20]

9. Kiki ekyo kyetujulira mu ssaala eno? _____
_____
_____
_____

AKATUNDU 10

Tuteekeddwa okujjukira nti, mu kwongera ku mikisa gyetufuna okuva mu kugondera eteeka ly'okukozesa essaala ey'eteeka era n'okuddabulurwa kwetufuna okuva mu kwatula essaala endala nga abantu ssekin'omu, emyoyo gyaffe jikyamuka ku lw'okuwulira essaala ezibeera zatulwa mu nkuŋŋana, ennene oba entono. Bahá'u'lláh atugamba: **"Mukuŋŋanire wamu mu ssanyu elisingira ddala n'okussa ekimu era mwatule enyiriri eza bikkulirwa Mukama omusaasizi. Mu kukikola ekyo enziji ez'okumanya okutuufu zijja kugulwawo eri obutonde bwamwe obutalabika, era oluvanyuma olw'ekyo mujja kuwulira nga emyoyo gyamwe jijjudde obutasagasagana era nga n'emitima gyamwe jijjudde essanyu eryakayakana."[21]**

Ffena tuzuula essanyu eringi okuva mu kumanya nti, okwetoloola ensi, enkuŋŋana ez'okunyikkira mu by'omwoyo ab'emikwano ne baliranwa mwebajjira awamu okunyumyamu ne Katonda zeyongera okwekubisaamu emirundi enkumi n'enkumi. Ennyumba Y'ensi Yonna ey'Obwenkanya ewandiika:

> **"Enkuŋŋana ez'okunyikkira mu by'omwoyo by'ebiseera eby'olusirika omwoyo gwonna mwe gusobola okuyingira, mwe gussiza-munda obuwoowo obwo muggulu, mwe gufunira ku buwoomi obw'essaala, mwe gufumitiriza ku Kigambo Ekitonzi, mwe gutambuzibwa ku biwawatiro eby'omwoyo, era ne gunyumyamu n'Oyo Omwagalwa omu. Gutandika okufuna okwewulira okw'okussa ekimu n'okukwasaganyiza awamu ebyo ebituyamba, naddala mw'ezo emboozi ezekuusa ku by'omwoyo ezitera okubeerawo mu biseera ebyo era nga tuyita mw'ezo 'ekibuga eky'omutima ogw'omuntu' kiyinza okugulwawo"[22]**

Bwe tufuna okwewulira nga twetaaga okunyikkira mu ssaala, tu lindako mu kasirise okumala akaseera- ekyo kituleetera okulongoosa endowooza zaffe nga zelekereza ebintu eby'ensi eno. Bwetubeera mu kaseera ak'essaala, tukuumira ebirowoozo byaffe ku Katonda. Oluvanyuma olw'okumaliriza okwatula essaala, tusigala mu kasirise okumala ekaseera era ne tutasituka mu kupapa okugenda mu murimu omulala. Amazima agali mu kino galabikako ne mu kiseera nga tuwuliriza essaala ezibeera zatulwa bannaffe mu lukuŋŋaana. Mu mikolo egy'ekika ekyo, twekuumira mu embeera ey'essaala era netugobelera ddala ebigambo ebyatulwa, nekilabikako nga ffe bennyini abali mu ku byatula.

1. Mu mbeera ki ez'owoyo mwetulina okukuŋŋanira bwetubeera twatula enyiriri eza Katonda? _____

2. Kiki ekyo ekigenda okutuukawo mu kukuŋŋana kwaffe okw'awamu mwe twatulira enyiriri eza Katonda?
   _____
   _____

3. Enkuŋŋana ez'okunyikkira mu by'omwoyo by'ebiseera eby'olusirika omwoyo gwonna mwe gusobola
   - _____,
   - _____,
   - _____,
   - _____,
   - _____, era
   - _____.

4. Okwewulira kwa kika ki okuleetebwawo ku nkuŋŋaana ez'okunnyikira mu by'omwoyo? _____
   _____
   _____

5. Biki ebyo ebileetebwawo ezo emboozi ezekuusa ku by'omyoyo ezitera okubeerawo mu nkuŋŋana ez'okunyikkira mu by'omwoyo? _____

_____

6. Wandiika ebigambo ebitonotono ebyekuusa ku mbeera essaamu ekitiibwa gyetulina okwolesa mu kadde ak'okunyikkira mu ssaala, newankubadde tuli ffeka oba nga tuli mu lukuŋŋana.

_____

_____

_____

_____

_____

_____

AKATUNDU 11

Ekitundu eky'ekitabo kino ekisooka kyatadde essira ku muze ogw'okusoma enyiriri buli lunaku eziva mu Byawandiikibwa era n'okulowooza ku makulu ga zo. Wano obadde ofumitirizza ku mugaso ogw'essaala era osobodde, ku lw'ekyo, okwongera okuggumiza omuze ogw'okunnyikira mu ssaala buli lunaku. Akatundu ketwakamaliriza okutunulira emabegako awo kakuleetedde okwekaanya omugaso ogw'okusinza okw'awamu mu kitundu. Byonna bye wakasoma okutuusa kati bikuteeseteese, singa obeera oyagadde, okwenyigira mu kikolwa ekisookera ddala mu kubbo ery'obuweereza: okutegeka olukuŋŋaana olw'okunyikkira mu by'omwoyo.

Nga omutendera ogusooka, oyinza okwagala okukwata obukusu essaala eziwerako era n'okufunayo omukisa okuzigabanako eri ab'emikwano abatonotono. Mu kiseera kyekimu, oyinza okukakasa nti okiika wakili mu lukuŋŋana olw'okunyikkira mu by'omwoyo lumu mu kitundu kyo era n'obalibwa mu bawagizi ba lwo abafaayo ennyo. N'ekilara, oluvanyuma, gwe mwenyini oyinza okusalawo okutegeka olukuŋŋana olw'okunyikkira mu by'omwoyo, mw'ogenda okuyita mikwano gyo, abeŋŋanda ne baliranwa mukuŋŋane buli lukedde nga munyikkira mu ssaala n'okwongera okunyumiza awamu. Si kipya okulaba nga abakiise babiri oba basatu ab'omusomo guno bajja wamu okutandikawo olukuŋŋana nga luno olw'okunyikkira mu by'omwoyo.

Nga bw'oyinza okukiteebereza, tewali ngeri yonna olukuŋŋana olw'okunyikkira mu saala gye luteekeddwa okutegekebwa. Naye kyo kimanyikiddwa nti lwe lukuŋŋana olw'abemikwano mwe baweerayo esaala, enyiriri okuva mu bya Wandiikibwa zisomebwa era n'emboozi ezituzimba zibeerawo—byonna nga bikolebwa mu embeera ey'eby'omwoyo. Osobola okubeerako ebigambo ebitonotono by'oyogera ku birowoozo bino wammanga, nga byekuusa ku .kutegeka olukuŋŋaana olw'okunyikkira mu by'omwoyo?

Okuyita abantu bajje mu kifo mu ngeri eyesiimisa era nga ejjudde okwagala:

_____

_____

_____

_____

Okutondawo embeera eyaniriza abantu mu kifo: _____

_____

_____

_____

Okuteekawo embeera eweesa ako akaseera ekitiibwa: _____

_____

_____

_____

Okukubiriza emboozi ezikyamula emyoyo: _____

_____

_____

_____

EBYAJULIZIBWA

1. *Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh* (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 1983, 2017 printing), XLIII, par. 4, p. 105.

2. Bahá'u'lláh, in *Trustworthiness: A Compilation of Extracts from the Bahá'í Writings*, compiled by the Research Department of the Universal House of Justice (London: Bahá'í Publishing Trust, 1987), no. 21, p. 5.

3. *The Call of the Divine Beloved: Selected Mystical Works of Bahá'u'lláh* (Haifa: Bahá'í World Centre, 2018), no. 2.43, p. 31.

4. From a talk given on 5 May 1912, published in *The Promulgation of Universal Peace: Talks Delivered by 'Abdu'l-Bahá during His Visit to the United States and Canada in 1912* (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2012), p. 127.

5. Bahá'u'lláh, *The Hidden Words* (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 2003, 2012 printing), Arabic no. 13, pp. 6–7.

6. From a letter dated 8 December 1935 written on behalf of Shoghi Effendi, published in *Prayer and Devotional Life: A Compilation of Extracts from the Writings of Bahá'u'lláh, the Báb, and 'Abdu'l-Bahá and the Letters of Shoghi Effendi and the Universal House of Justice*, compiled by the Research Department of the Universal House of Justice (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2019), no. 71, p. 31.

7. Words of 'Abdu'l-Bahá, cited by J. E. Esslemont, *Bahá'u'lláh and the New Era: An Introduction to the Bahá'í Faith* (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2006, 2017 printing), p. 106.

8. Ibid.

9. Bahá'u'lláh, in *Bahá'í Prayers: A Selection of Prayers Revealed by Bahá'u'lláh, the Báb, and 'Abdu'l-Bahá* (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 2002, 2017 printing), pp. 7–8.

10. Ibid., p. 9.

11. Words of 'Abdu'l-Bahá, cited in *Star of the West*, vol. 8, no. 4 (17 May 1917), p. 41.

12. *Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh*, CXXXVI, par. 2, p. 334; also in *Bahá'í Prayers*, p. iii.

13. Bahá'u'lláh, in *Bahá'í Prayers*, pp. 8–9.

14. Ibid., p. 12.

15. ‘Abdu’l-Bahá, in *Prayer and Devotional Life*, no. 24, p. 7.

16. From a talk given by ‘Abdu’l-Bahá on 5 August 1912, published in *The Promulgation of Universal Peace*, p. 345.

17. *Selections from the Writings of ‘Abdu’l-Bahá* (Wilmette: Bahá’í Publishing, 2010, 2015 printing), no. 22.1, pp. 75–76.

18. From a letter dated 10 January 1936 written on behalf of Shoghi Effendi, published in *Prayer and Devotional Life*, no. 61, p. 25.

19. From a letter dated 10 January 1936 written on behalf of Shoghi Effendi, quoted in *Bahá’í Prayers*, p. 301.

20. Bahá’u’lláh, in *Bahá’í Prayers*, p. 4.

21. Bahá’u’lláh, in *Prayer and Devotional Life*, no. 68, p. 29.

22. From a message dated 29 December 2015, published in *Framework for Action: Selected Messages of the Universal House of Justice and Supplementary Material, 2006–2016* (West Palm Beach: Palabra Publications, 2017), no. 35.49, p. 232.



Obulamu n’Okufa

Ekigendererwa

Okusiima nti obulamu tebuteekebwawo ezo enkyukakyuka n’emikisa egy’ensi eno wabula amakulu g’obulamu amatuufu gasangibwa mu nkulakulana ey’omwoyo.

AKATUNDU 1

Omwoyo ogw'omuntu gussukkuluma ku buli kantu akalabikako n'ensi eno ey'omubiri. Mu zimu ku mboozi Ze, 'Abdu'l-Bahá anyonyola:

> **"Gino emibiri egy'okunsi eno gizimbibwa obutafaali-obutono ddala; buno obutafaali bwebutandika okwawukana-eky'okuvunda (okumementuka) kituukawo, oluvanyuma ne wajjawo kyetuyita okuffa….**
>
> **"Ku ludda olw'Omwoyo kibeera kyanjawulo. Omwoyo si mugatte gwa bintu, teguzimbibwa butafaali-obutono nga bungi, gukolebwa ekintu kimu ekitasobola kwawulwamu era n'olwekyo gwa kubeerawo-lubeelera. Si gwakugerageranyizibwa n'entegeka ez'ebitonde eby'okusi kuno, teguffa!"**[1]

1. "Okuzimbibwa" kitegeeza ki? _____

2. Omwoyo ogw'omuntu guzimbibwa ebintu eby'enjawulo, nga bwekili eri emibiri egyo kunsi? _____

3. Omwoyo ogw'omuntu kintu kya ku nsi eno?
   _____

AKATUNDU 2

Ebbaluwa eyawandikiibibwa olw'okusaba okw'Omukuumi ow'Enzikiriza (Guardian) etutegeeza nti "Omwoyo ogw'omuntu gulabikira mu butonde mw'ako akaseera ak'entandikwa ey'obulamu".[2] Mu kwanukula ekibuuzo ekyekuusa ku makulu "ag'entandikwa ey'obulamu", Enyumba Ey'ensi Yonna Ey'Obwenkanya (Universal House of Justice) enyonyola nti:

> **"Tewali Kisangiddwa okuva mu byawandiikibwa ebya Bahá'í nga kinyonyola mu bulambulukufu ako akaseera ak'okutondebwa n'ekikula eky'ebyo ebituukawo ekinyonyolwa nga 'entadikwa ey'obulamu'. Enkozesa ey'ekigambo ekyo mu ntegeera ey'eby'obujjanjabi nayo elabika okubeera nga si nambulukufu. Naddala, emu ku ntegeera ey'entandikwa ey'obulamu y'eyo nti kituukawo mu kiseera eky'okugimusa; wabula ate entegeera endala y'eyo nti kituukawo oluvanyuma olw'okugimusa n'okuwaka, kw'eyo entandikwa ey'egwako. Wabula, kiyinza obutasoboka kumanyikwa ddi enkolagana ey'omwoyo n'omubiri lw'etuukawo, era ebibuuzo nga ebyo biyinza obutaggusibwa endowooza ey'omuntu oba okunoonyereza ku lw'ensonga nti byekuusa ku byewuunyisa eby'ensi ey'omwoyo ne ku kikula eky'omwoyo gwenyini."** [3]

1. Omwoyo ogw'omuntu gulabikira ddi mu butonde? _____
   _____
   _____

2. Ekigambo “entandikwa ey’obulamu” kinyonyola mu bulambulukufu akaseera ak’okutondebwa? _____

AKATUNDU 3

Enkolagana wakati w’omwoyo n’omubiri si y’enkolagana ey’ensi ey’omubiri; omwoyo teguyingira oba teguleka mubiri era tegujjuza kifo kilabwako. Enkolagana ya gwo n’omubiri yefananyiriza ku eyo ey’ekitangaala n’endabirwamu mwe kirabikira. Ekitangaala ekirabikira mu ndabirwamu tekiri munda mu yo. Mu kwefananyiriza kw’ekyo, omwoyo teguli munda mu mubiri. Nga ‘Abdu’l-Bahá bw’atutegeeza,

> **“Omwoyo gwe turowoozako oba omwoyo ogw’omuntu tegwebeezawo nga gusinziira ku mubiri—kyetutegeeza kye kino, omwoyo teguyingira mubiri; kubanga okwebeezawo mu kifo n’okuyingira ekifo zibeera mbeera za mibiri, era omwoyo gweturowoozako gusukkuluma ku kino. Ekitandikirwako tegwayingira mu mubiri, nti gujja kwetaaga okufuluma, oba okufunako wegugenda okubeera awalala. Nedda, enkolagana wakati w’omwoyo n’omubiri eri nga ey’eno ettaala n’endabirwamu. Singa endabirwamu esimuulwa bulungi n’etuukirizibwa, ekitangaala eky’ettaala kijirabikiramu, era singa endabirwamu ebeera emenyese oba nga ebikkiddwako enfuufu, ekitangaala kisigala kikweekeddwa.”**[4]

1. Jjuzamu amabanga gano mu mboozi zino wammanga.

   a. Omwoyo gweturowoozako, oba _____ _____, tegwebeezawo nga gusinzira ku mubiri—kyetutegeza kyekino, owo yo_____.

   b. _____oba omwoyo ogw’omuntu teguyingira mubiri kubanga okwebeezawo mu kifo n’okuyingira mu kifo _____, era omwoyo gweturowoozako _____.

   c. Ekitandikirwako_____, nti gujja kwetaaga okufuluma, _____.

   d. Enkolagana wakati w’omwoyo n’omubiri eri nga ey’eno _____ _____.

   e. Singa endabirwamu esimuulwa bulungi n’etuukirizibwa, _____ _____ kijirabikiramu.

   f. Singa endabirwamu ebeera emenyese oba nga ebikkiddwako enfuufu, ____ _____.

2. Nga osinziira kw’ebyo byetwakasoma okutuuka kati, salawo oba bino wammanga birimu amazima:

____ Omwoyo tegubeela mu nsi elabikako.

____ Omwoyo guli munda mu mubiri.

____ Omubiri ye nanyini ow'omwoyo.

____ Omwoyo teguffa.

____ Omuntu alina entandikwa ye nga omwoyo gufunye okukwatagana n'ejji erikola omubiri.

____ Obulamu butandika nga omuntu azaaliddwa mu eno ensi.

____ Obulamu obw'omuntu sekin'omu obwokunsi bweyongerayo oluvanyuma olw'okuffa.

____Obulamu bukolebwa ebyo ebintu ebitutuukako buli lunaku.

3. Kozesa ekifaananyi eky'ekitangaala n'eky'endabirwamu okunyonyola enkolagana elabikako wakati w'omwoyo n'omubiri; _____

_____

_____

_____

_____

AKATUNDU 4

Waliwo enkolagana ey'enjawulo wakati w'omwooyo n'omubiri, nga byombi bye bikola omuntu. Enkolagana eno ewangaala akaseera ak'obulamu bwokunsi kuno kokka. Enkolagana wakati wabyo bwegwawo, buli kimu kiddayo jekisibuka—omubiri guddayo munsi ey'enfuufu era n'omwoyo neguddayo munsi za Katonda ez'emyoyo, jegweyongelera okukulakulana. 'Abdu'l-Bahá agamba:

"Omwoyo ogw'omuntu gulina entandikwa naye tegulina kkomo: guwangaala lubeelera."[5]

Mu zimu ku mboozi Ze, Atulambulira:

"Omwoyo tegwetaaga mubiri, naye omubiri gwetaaga omwoyo, oba ssi ekyo tegusobola kubeera na bulamu. Omwoyo gusobola okubeerawo awatali mubiri, naye omubiri ogutalina mwoyo guffa."[6]

Era Guardian (Shoghi Effendi) anyonyola:

"Ku kikwatagana ku mwoyo ogw'omuntu: Okusinziira ku Nsomesa eza Bahá'í -omwoyo ogw'omuntu gutandikira wamu n'okutondebwawo okw'ejji ery'omuntu era gweyongera okukula n'okuyita mu mitendera egy'okubeerawo ejitakoma oluvanyuma olw'okwawukana n'omubiri. Enkulakulana yagwo n'olw'ekyo tekoma." [7]

1. Nga ebiwandiike ebinokoddwa waggulu awo biri mu ndowooza, ddamu ebibuuzo bino:

   a. Omubiri gwetaaga omwoyo? _____

   _____

   b. Omwoyo gwetaaga omubiri? _____

   c. Kiki ekituukawo ku nkwatagana ey'omubiri n'omwoyo nga embeera y'okuffa etuusewo? _____

   d. Kiki ekituukawo ku mwoyo oluvanyuma olw'okuffa? _____

   _____

   e. Enkulakulana ey'omwoyo etwaala ekiseera nga kyenkana ki? _____

   _____

   f. Obulamu bukoma ddi? _____

   _____

2. Salawo biriwa ku bino wammanga ebikkiriziganya nebyetusomye mu butundu obuyise waggulu:

   ____ Okuffa kibeera kibonerezo.

   ____ Enkolagana wakati w'omubiri n'omwoyo ewangaala akaseera ak'obulamu obw'omubiri kokka.

   ____ Omubiri gulina obusobozi okuwangaala lubeelera.

   ____ Omwoyo gujja kukulakulana lubeelera.

   ____ Okuffa lye kkomo ery'obulamu.

   ____ Walibeerawo olunaku olw'okulamulwa emibiri gyaffe lwejilizuukira.

   ____ Mu kaseera ak'okuffa, omwoyo gulina eddembe eliwerako okusinga ku seera ebyayita.

   ____ Obulamu bu koma nga okuffa kutuusewo.

   ____ Tulina okutya okuffa.

   ____ Emmere, engoye, okuwummula n'okwesanyusamu byetaagisa eri omwoyo.

   ____ Omwoyo gufuuka omukoowu nga omubiri guli mu kumalawo amaanyi gagwo.

   ____ Omwoyo tegukosebwa endwadde oba obunaffu obw'omubiri.

   ____ Omuntu ajja kusigala n'ebyetaagibwa eby'omubiri oluvanyuma olw'okuffa.

AKATUNDU 5

Tulabye nti omwoyo tegujjuza kiffo kilabwako era tegukola nga gusinzira ku mateeka ag'obutonde obw'ensi eno nga bwekili ku bintu eby'ensi eno. Omwoyo gubeerako kyeguleetawo mu nsi eno nga gukozesa ekitongole eky'omubiri, naye eno si y'engeri yokka omwoyo mweguyita okukozesa amaanyi gagwo. Baha'u'llah alangilira:

> **"Ddala ddala Mbagamba nti, omwoyo ogw'omuntu gusukkulumye waggulu wa byonna ebirabikako n'ebitanaba kulabika, era ne kw'ebyo ebyaliwo. Guli mu kifo kimu naye ate era gubuuka; gutambula naye ate era nga guli mu kifo kye kimu."[8]**
>
> Ne 'Abdu'l-Baha atugamba:
>
> **"Mu kimanye nti okusikiriza n'ekikula eky'omwoyo ogw'omuntu bya ngeri bbiri; kino kitegeeza nti, omwoyo ogw'omuntu gulina engeri bbiri ez'ebikolebwa n'ez'okutegeera. Engeri emu y'eyo mwe guyita mu kukozesa ebitundu ku mubiri n'ebiri mu mubiri munda. N'olwekyo gukozesa eriiso okulaba, guwuliriza nga gukozesa okutu, gwogera nga gukozesa olulimi…**
>
> **"Engeri endala ey'ebituukawo eby'omwoyo n'ebikolwa y'eyo nga tegulina kyegukozesa ku bitundu eby'omubiri." [9]**

1. Jjuzamu amabanga mu mboozi zino wammanga:
   a. Omwoyo gw'omuntu gussukulumye waggulu wa byonna _____ _____ era _____.
   b. Guli _____ ate era _____.
   c. _____ naye ate era nga guli _____.

2. Lambulula engeri ebbiri omwoyo mweguyita okutegeera n'okubeerako kyeguleetawo munsi eno:_____
   _____
   _____
   _____

3. Beerako by'owaayo eby'okulabirako ebyekuusa ku engeri omwoyo jegusikirizamu ne jegubeerako byegukola nga tegukozesa bitundu bya mubiri?_____
   _____
   _____
   _____
   _____

AKATUNDU 6

Kati, nga osinziira ku kutangaazibwa kw'ofunye okuva mu butundu obuyise, soma ekiwandiiko ekiddako wammanga awo okuva mu byawandiikibwa ebya Bahá'u'lláh:

> **"Mukimanye nti Omwoyo ogw'omuntu gusukkulumye waggulu, era gwebeezawo nga tegukosebwa bulemu bwonna obw'omubiri oba obw'endowooza. Nti omuntu omulwadde alaga obubonero obw'obunafu kiva kw'ebyo ebisomooza ebituukawo wakati w'omwoyo n'omubiri gwe, mu mbeera eno omwoyo gusigala tegufunye buvune bwonna nga obwefaananya ku bw'omubiri. Mutunuulire ekitangaala eky'ettaala. Wadde nga ekintu eky'ebweeru kiyinza okusiikiriza okwaakayakana kwayo, ekitangaala kyo kyenyini kyeyongelera ddala okwaka awatali kukendeeza mu maanyi. Mu ngeri y'emu, buli kirwadde ekikosa omubiri ogw'omuntu kibeera kiziiyiza ekilemesa omwoyo okwolesa obuyinza ne amaanyi gagwo ebikusike. Wabula, enkolagana yagwo n'omubiri bweggwawo, gujja kulabikira mu kuzuukira okwo, era guzuule enkola y'agwo, eyo etalina ky'amaanyi kyonna ku nsi ekisobola okujenkana. Buli omwoyo omulongoofu, buli omwoyo egweddabuludde era ogussukkulumye gujja kuweebwa amaanyi ag'enssusso, era gulisanyukira mu ssanyu eritagwawo"[10]**

1. Beerako kyonyonyola mu bigambo byo byenyini engeri omwoyo gyegusigala nga tegukoseddwa ebyo ebinyigiriza omubiri oba endowooza, era n'ekyo kyegulizuula oluvanyuma olw'okwawukana okuva ku mubiri.

   _____
   _____
   _____
   _____
   _____
   _____
   _____
   _____
   _____

2. Tujja kusobola okusigaza embeera ez'obuntu sekin'omu bwaffe oluvanyuma olw'emibiri gyaffe okuffa? _____

AKATUNDU 7

Bahá'u'lláh atugamba:

> **"Kati nno, okutunuulira ku kibuuzo kyo ekyekuusa ku mwoyo ogw'omuntu era n'okubeerawo kwagwo oluvanyuma olw'okwawukana okuva ku mubiri, gujja kweyongera okukulakulana okutuusa nga gufunye omukisa okubeera kumpi ne Katonda, mu kikula n'embeera etasobola kutataganyizibwa**

enkyukyuka mumyaka n'ebyasa, newankubadde enkyukakyuka n'eby'emikisa eby'ensi eno, tebisobola kubeerako kyebikyusa. Gujja kuwangaala emirembe gyonna ng'Obwakabaka bwa Katonda, Obuyinza Bwe, Obufuzi Bwe n'Amaanyi Ge. Gujja kwolesa obubonero bwa Katonda n'ebisaanizo Bye, era gujja kuzuula Ekisa Kye ekijjudde Okwagala n'omukisa." [11]

1. Ekiseera kyenkana ki omwoyo kyegugenda okutwala nga gukulakulana oluvanyuma olw'omubiri okuffa?

   _____

   _____

2. Mbeera ki omwoyo gyegugenda okubeeramu nga guli kulugendo lwagwo mu kwolekera eri Katonda? _____

   _____

   _____

   _____

3. Biriwa ebimu kw'ebyo ebisaanyizo n'obubonero omwoyo byegujja okwolesa mu mbeera eyo? _____

   _____

   _____

4. Okusiizira kw'ebyo byetwakasomako okutuusa kati, salawo oba bino wammanga bituufu:

   ____ Obwakabaka bwa Katonda bujja kuwangaala lubeelera

   ____ Omwoyo gulina obusobozi byokulaga ebisaanyizo ebya Katonda

   ____ Essaala zetusabira emwoyo egivudde mu bulamu obw'ensi eno tezirina kyezileetawo ku nkulakulana ey'emyoyo gyabwe.

   ____Omwoyo tegulekera kubeerawo mu bulamu

AKATUNDU 8

Bahá'u'lláh agamba:

"Mukimanye nti buli kutu okuwulira, bwe kukuumibwa nga kulongoofu era nga si kwonoonefu, kuteekeddwa, ekiseera kyonna, era n'okuva ku buli luuyi, okuwulira eddoboozi eryo eryatula ebigambo bino ebitukuvu: 'Ddala ddala tuli ba Katonda, era tujja kuddayo eri Ye.' Ebikusike ebyekuusa ku kuffa okw'omubiri ogw'omuntu era ne ku kuddayo kwe tebimanyikiddwa, era n'okutuusa kati tebinnaba-kusomebwa….

"Okufa kuwa buli mukkiriza omunywevu ekikompe eky'obulamu obwa nnamaddala. Kubawa essanyu, era y'ensibuko ey'okwesiima. Kubaleetera ekirabo eky'obulamu obwolubeelera."

"Eri abo abalozezza ku kibala eky'obulamu obw'omuntu obw'ensi eno, nga kino **ky'eky'okutegeera Katonda omu ow'amazima, ekitiibwa Kye kigulumizibwe, embeera ey'obulamu bwabwe oluvanyuma olw'okufa eringa Ffe gyetutasobola kunyonyola. Amanyi kw'ekyo Ye Katonda, yekka, Ye Mukama ow'ensi zonna**."[12]

"Ayi Omwana ow'Obuyinza! Okuffa nkufudde omutume ow'essanyu lyo. N'olwekyo lwaki weteeka mu mbeera ey'okunyolwa? Natonda ekitangaala kikwakize obuyinza bwakyo. Lwaki wekweeka nga okisiikiriza?" [13]

1. Biriwa ku bino ebiwandiike wammanga ebituufu?

____ Omwoyo ogw'omuntu gusibuka ewa Katonda era gujja kuddayo Gyali.

____ Amagezi gonna agekuusa ku mbeera ey'obulamu obubeerawo oluvanyuma olw'okuffa gali wa Katonda.

____ Eri omukkiriza omuvumu, okuffa bubeera bulamu.

____ Okuffa y'ensibuko ey'okwesiima.

____ Ebikusike ku by'okuffa bimanyikiddwa eri buli omu.

____Tulina okusiimira ddala eby'omuwendo eby'obulamu buno nate era tuleke kutya okuffa okw'omubiri, kubanga okwo ye mutume ow'essanyu.

____ Si kyamugaso eri ffe okumanya ku bikwaata kw'obwo obulamu obulibeera wo oluvanyuma olw'okufa okutuukawo.

2. Kati, nga osinziira kw'ebyo byetuyize mu butundu buno, wandiikayo ku nyiriri enyimpi ezikwata ku bulamu, okuffa, omubiri n'omwoyo.

AKATUNDU 9

Abdu'l-Baha anyonyola:

Mu ntandikwa ey'obulamu bwe, omuntu yali munsi eyomu-nda eya maama we, omwo mweyazimbira obusobozi ne byeyali yetaaga okujja munsi eno. Amaanyi agali getaagibwa munsi eno yagafuna okuva munsi eyo. Yali yetaaga amaaso munsi eno; yagafuna ng'ali munsi ey'enda eya maama we. Yali yetaaga amatu munsi eno: yagafuna okuva munsi eyo. Ago amaanyi gonna agaali getaagibwa munsi eno yagafuna okuva munsi ey'enda eya maama we. Munsi eyo yetegekera eby'ensi eno, era bwe yayingira munsi eno yalaba nti yali alina amaanyi gonna era nti yali afunye ebigere, emikono, n'ebitundu-eby'omubiri ebyomunda, okuva munsi eyo ebyetaagibwa mu bulamu buno. Ekyo kigobelerwa nti ne munsi eno namwo ajja kwetaaga okwetegekera ensi eyo eddako. Ekyo kyeyetaaga munsi ey'obwakabaka ateekeddwa okukifuna n'okukitegekera wano. Mu ngeri y'emu nga bweyafuna amaanyi agetaagibwa wano okuva munsi ey'enda eya maama we, so nno, mu ngeri y'emu, alina okufuna ekyo ky'ajja okwetaaga munsi ey'obwakabaka—kweggamba, ago amaanyi gonna agomuggulu—gakufunibwa munsi eno. [14]

1. Salawo oba ku bino wammanga bituufu:

____ Amaanyi gonna agetaagibwa munsi eno gafunibwa munsi eyo mu-nda eya maama.

____ Tewetaaga kwetegekera bulamu obwo munsi eyo eddako.

____ Ekyo kyetwetaaga munsi ey'Obwakabaka kirina kufunibwa eyo.

____ Ekigendelerwa kya buno obulamu kwe kufuna ago amaanyi getwetaaga mubulamu obw'ensi eddako.

____ Obulamu obutuufu butandika mu kaseera ako nga omuntu afudda n'agenda mu bulamu obw'Obwakabaka.

____ Obulamu obutuufu butandikira mu nsi eno era ne bweyongerayo oluvanyu ma lw'omubiri okuffa.

2. Buliwa obumu ku obwo obusobozi omuntu bwafuna ng'ali mu nsi ey'enda ya maama we? _____

_____

_____

3. Biki ebimu ku ebyo ebyetaagibwa nga byakufunibwa wano biryoke bituyambe mu bulamu oluvanyuma lw'omubiri okuffa? _____

_____

_____

AKATUNDU 10

Bahá'u'lláh agamba:

“Obuvunanyizibwa obukulu obw’omuntu mu Lunaku luno kwe kufuna omugabo okuva mu mataba ag’ekisa Katonda g’amufukiridde. N’olwekyo, tewabeera n’omu ku mwe atunuulira obutono oba obunene bw’ekipimo. Omugabo gw’abamu guyinza okujjuza ekibatu ky’omukono gw’omuntu, omugabo gw’abalala guyinza okujjuza ekikopo, so ate nga ogw’abalala gwenkana-nkana n’ekipimo eky’ekuusa ku galani.”[15]

1. Okuva mu kitangaala ky’ebyawandiikibwa ebinokodwa waggula awo, ddamu ebibuuzo bino:

   a. Obuvunanyizibwa bwa buli muntu mu Lunaku luno bwe buliwa? _____
   _____
   _____

   b. Giriwa egimu kw’egyo emikisa gy’ofunye okuva ewa Katonda? _____
   _____
   _____

   c. Ekigambo “ekipimo” kitegeeza ki mu kiwandiiko ekinokoddwa wagulu awo? _____
   _____

   Lwaki tetulina ku tunuulira “obunene oba obutono” obw’obusobozi bwebatuwadde? _____
   _____
   _____
   _____

   e. Biki kw’ebyo ebimu ku bintu ebitulemesa okufuna omugabo gwaffe ogw’ekisa okuva eri Katonda? _____
   _____
   _____
   _____
   _____

2. Biriwa ku bino wammanga ebirimu amazima?

   ____“Obugazi oba obutono” obw’obusobozi bwaffe kitegeeza obugezi bwaffe.

   ____Okusobola okuweereza Katonda, twetaaga okwelabira obunaffu bwaffe era ne tuteeka obwesigwa bwaffe bwonna mu Ye.

   ____ Mw’eno ensi bwetutazimba busobozi obwo Katonda bwatuwadde, emyoyo gyaffe jigya kubeera minafu nga jituuse munsi eyo eddako.

AKATUNDU 11

Bahá'u'lláh atugamba:

"Mumbuuziza kubikwata ku kikula eky'omwoyo. Mukimanye, ddala, nti omwoyo kabeera kabonero ka Katonda, ekyo eky'omuwendo mu ggulu ekirina embeera ezikyalemye n'abo abantu abataddemu ennyo amaanyi muby'okuyiga okuzitegeera, era n'ebikusike byagwo teri ndowooza newankubadde nuŋŋamu etya, erisuubila okubizuula. Gwegwasooka mu bitonde byonna okulangilira obutuukirivu obw'Omutonzi wagwo, Ogwasooka okutegeera ku buyinza Bwe, okuyayaanira amazima Ge, era n'okumuvunnamira mu maaso Ge kulw'okumwagala." [16]

1. Jjuzamu mumabanga mu biwandiike wammanga awo:

   a. Omwoyo kabeera _____ ka Katonda.

   b. Omwoyo kabeera _____ _____ekirina _____ ezikyalemye n'abo abantu abataddemu ennyo amaanyi mu by'okuyiga okuzitegeera, era _____ byagwo teri ndowooza ne wankubadde nuŋŋamu etya, erisuubila _____.

   c. Omwoyo gwe _____ _____

   d. Omwoyo gwegwasooka _____ ku buyinza bwa Katonda.

   e. Omwoyo gwegwasooka _____ amazima ga Katonda.

   f. Omwoyo gwegwasooka _____ Katonda mu maaso Ge ku lw'okumwagala.

2. Biriwa ku bino wammanga eb'amazima?

____ "Okuzuula" kitegeeza okufuna amakulu ag'ekintu.

____ Mu bintu byonna ebyatondebwa, ekyasooka okutegeera katonda bwe bwongo obw'omuntu.

____ "Obumanyirivu" kitegeeza obugezi.

____ Omuntu omuyivu ategeera ebikusike eby'omwoyo.

____ Abo abayivu ennyo ku mbeera ez'abantu bebasobola okulangilira obutu ukirivu obwa Katonda.

____ Tekyetaagibwa kulowooza ku byekuusa ku mwoyo kubanga tetulibeera na busobozi obubitegeera.

AKATUNDU 12

Bahá'u'lláh alangilira:

"Muli nga ekyo ekinyonyi ekibuukira mu bwengula, nga kikozesa amaanyi gonna ag'ebiwawatiro byakyo, era nga kyonna kijjudde obuvumu n'essanyu eringi, nga kyetoloolera muggulu elisingira ddala, okutuusa nga, kikakiddwa okwejjako embeera yakyo ey'enjala, kwe kukyusamu nga kiyayaanira amazzi n'ebbumba ebyokulukalu wansi wakyo, era, oluvannyuma olw'okulaalira mu katimba ak'okwegomba kwakyo, kyesanga tekikyalina busobozi kuddayo mu mbeera mwe kyavudde. Olw'okubulwa amaanyi ag'okwejjako ekizibu eky'obuzito obuli ku biwawatiro byakyo ebiri mu mbeera eyononese, ekyo ekinyonyi, okusooka kyali kituuze muggulu, mu kaseera kano kikakiddwa okunoonya ekifo aw'okubeera mu nfuufu. N'olwekyo, Ayi mwe abaddu Bange, temwonoona biwaawaatiro byamwe n'ebbumba ery'obujeemu n'okwegomba okutagasa, era muleke kubisabaanya mu nfuufu ey'empalana n'obukyayi, nti ekyo kireke kubalemese okubuukira mu ggulu ery'okumanya Kwange okutukuvu."[17]

1. Maliriza ebiwandiike bino wammanga:
   a. Ekinyonyi Bahá'u'lláh ky'ayogerako mu kino ekyawandiikibwa gwe_____.
   b. Kino Ekinnyonyi kituuze kya _____.
   c. Embeera ey'ebiwawatiro byakyo bw'ebeera eyononese, kikakibwa okunoonya ekifo aw'okubeera mu, _____.

2. Kati kola okuddamu ebibuuzo bino wammanga:
   a. "Ebiwawaatiro" eby'omyoyo bituuka bitya mu mbeera ey'obwononefu"?
      _____
   b. Biriwa ebimu ku bizibu/emitawaana nga, byefaananya ku "mazzi n'ebbumba eby'ensi," ebiteeka obuzito ku biwawatiro eby'omwoyo? _____
      _____
      _____
   c. Biki kw'ebyo ebintu ebiyinza okutulemesa okubuukira mu ggulu ery'okumanya Okutukuvu? _____
      _____
      _____
   d. Lwaki omwoyo gwaliwanyisizza amaka gagwo agomuggulu negudda mu nfuufu ey'ensi eno? _____

_____

_____

3. Salawo oba bino ebyatuddwa wammanga birimu amazima:

____ Obukwate ku by'ensi birimesa okukula kwaffe okw'omwoyo.

____ Obujeemu bwaffe n'okwegwanyiza ebitagasa bitulemesa okubuukira mu ggulu ery'okumanya okutukuvu.

____ Empalana n'obukyayi jibeera mize mizaale nga gya mu bantu era tegitataa ganya mwoyo.

____ Tusobola okwewala emitawaana ejitulemesa okubuukira mu ggulu elisingi ra ddala nga twelekereza ebintu eby'ensi eno.

____ Amaka g'omwoyo gali mu nsi eno.

AKATUNDU 13

Bahá'u'lláh atwatulira:

"Oluvannyuma olw'okutonda ensi yonna n'ebyo byonna ebigibeeramu n'ebigitambuliramu, Ye, nga ayita mu kwagala Kwe okutalina komo n'okugera kwe okw'obuyinza, yasalawo okuteeka ku muntu ekitiibwa eky'enjawulo n'obusobozi obw'okumumanya era n'okumwagala— obwo obusobozi obuteekwa okutwalibwa nga ensibuko evaamu amaanyi era ekigendelerwa ekisookerwako eri buli kitonde kyonna… Eri buli embeera eyomunda ddala eya buli kintu ekitondeddwa Akimulisizzamu ekitangaala eky'erimu ku manya Ge, era n'akifuula ekyo ekinafuna nga ekitiibwa eky'ekimu ku bisaanizo Bye. Wabula, eri embeera ey'omuntu, amutunulizza okwakayakana okw'amanya Ge gonna n'ebisaanizo, era n'agifuula endabirwamu Ye Mwenyini. Yekka mu bitonde byonna omuntu alondeddwamu ku lw'okuweebwa kuno okusuffu, ku lw'omukisa guno ogutaggwawo."[18]

1. Juzzamu mumabanga wansi awo.

   a. Yasalawo okuteeka ku muntu ekitiibwa eky'enjawulo n'obusobozi _____

      _____

   b. Eri buli embeera eyo munda ddala _____ kintu ekitondeddwa Akimulisizzamu ekitangaala _____ _____, era n'akifuula ekyo ekinafuna nga ekitiibwa eky'ekimu ku _____ _____.

c. Wabula, eri embeera ey'omuntu, amutunulizza okwakayakana _____ _____, era n'agifuula endabirwamu _____.

2. Kati yanukula ebibuuzo bino wammanga:

a. Osobola okumenyayo ebimu ku bisaanizo ebya Katonda? _____
_____
_____

b. Biriwa ebimu kw'ebyo ebisaanizo ebya Katonda omwoyo ogw'omuntu byegwolesa? _____
_____
_____

c. Bino ebisaanizo biyinza kwolesebwa bitya? _____
_____

d. Ku lwa mukisa ki omuntu gw'alondeddwamu? _____
_____
_____

3. Biki ku bino wammanga ebituufu?

____ Omwoyo gw'omuntu tegulina njawulo ku bitonde ebilara.

____ Obusobozi obw'okumanya Katonda era n'okumwagala y'ensibuko ey'amaanyi era ekigendererwa ekisookerwako eri buli kitonde kyonna.

____ Embeera yabuli kitonde kyonna eraga ekimu kubifuniddwa okuva mu bisaanizo ebya Katonda.

____Omwoyo ogw'omuntu gusobola okwolesa ebisaanizo/obubonero obwa Katonda bwonna.

AKATUNDU 14

Bahá'u'lláh atugamba:

"Gano amaanyi ag' Emunyeenye-ey'olunaku ey'omukisa Omutukuvu era Ensibuko ey'okuluŋŋamizibwa gaweereddwa omuntu, wabula, makusike mu Ye, bwegutyo nga omuliro bwegukweekeddwa mu musubbaawa era n'ebimyanso eby'ekitangaala nga bwe bisuubirwa okulabikira mu ttabaaza (ettaala). Okwakayakana okw'amaanyi gano kuyinza okusiikirizibwa ebyo ebyegombebwa kunsi bwekityo nga ekitangaala eky'omusana bwe kiyinza okukweekebwa wansi w'enfuufu ne kakikya ebibeera bibisse ku ndabirwamu. Tewali kisobola kwekoleeza okujjako nga kiyambiddwa wakati w'omusubbaawa oba ettabaaza, era nga bwe kitajja kusoboka endabirwamu okwelongoosako kakikya. Kitegeerekeka era kirabikirawo nti okutuusa nga omuliro gukoleezeddwa ettabaaza (ettaala) terisobola kwaka, era n'okujjako nga kakikya alongooseddwako ku ndabirwamu terisobola kukiikirira ekyo

ekifaananyi eky'omusana nebwekulibeera okulaga ekitangaala n'ekitiibwa kyagwo." [19]

1. Ekigambo "agakweekedwa" kitegeeza ki? _____

   _____

2. Galiwa kw'ago amaanyi amakusike ag'omwoyo ogw'omuntu? _____

   _____

   _____

3. Busobozi ki ettabaaza bwelina? _____

   _____

4. Busobozi ki endabirwamu bwelina? _____

   _____

5. Kiki kyewetaaga okukolera ettabaaza eryoke esobole okutuwa ekitangaala? ____

   _____

   _____

6. Kiki kyewetaaga okukolera endabirwamu eryoke esobole okwolesa ekitangaala?

   _____

   _____

7. Ettabaaza n'endabirwamu bisobola okulaga obusobozi bwabyo nga tebiyambiddwako?

   _____

   Tusobola tutya okugerageranya eby'okulabirako bino ebibiri ku mbeera ey'omwoyo ogw'omuntu?

   _____

   _____

   _____

   _____

8. Ani asobola okuleetera omwoyo ogw'omuntu okuzuula obusobozi bwagwo? __

   _____

   _____

AKATUNDU 15

Bahá'u'lláh agamba:

“Olujji olw’okumanya Oyo Ow’edda-n’edda lubadde luggale bulijjo, era lujja kusigala nga luggale lubeelera eri obwenyi obw’abantu. Tewali kutegeera okw’omuntu okujja okutuuka mu mbuga Ye entukuvu. Wabula, nga akabonero ak’okusaasira Kwe, era nga obukakafu obw’ekisa ekijjudde okwagala Kwe, Ayolesezza eri abantu emunyeenye-ez’Olunaku ez’okuluŋŋamya Kwe okutukuvu, obwo Obubonero obw’obumu Bwe obutukuvu, era okumanya okwa bano Abalamu Abassukkulumu akufudde okwo okufaanana ku kumanya Kwe kwenyini. Oyo yenna afuba okubategeera abeera ategedde Katonda. Oyo yenna awuliriza okukowoola kwabwe, abeera awulidde Eddoboozi lya Katonda, era oyo yenna awa obujulizi kumazima ag’Okubikkulirwa kwabwe, abeera awadde obujulizi kumazima aga Katonda Mwenyini. Oyo yenna akyuka ng’akola eby’okubewala, abeera yewala Katonda, era oyo yenna agaana okubakkiririzamu abeera aganye okukkiririza mu Katonda. Buli omu ku bbo abeera Ekkubo erya Katonda erigatta ensi eno kw’eyo eyawaggulu, era Ekipimo eky’Amazima Ge eri buli omu mubwakababaka obw’ensi n’eggulu. B’ebo Okwolesebwa okwa Katonda wakati mu bantu, bwebujulizi obw’Amazima Ge, era bwebubonero obw’ekitiibwa Kye.”[20]

1. Nga ekiwandiike ekinokoddwa waggulu awo kikyali mu ndowooza, yanukula ebibuuzo bino wammanga:

   a. Kisoboka ffe okumanya Katonda mu butereevu? _____
   _____

   b. Olwo tuyinza kumanya tutya Katonda? _____
   _____
   _____

   c. Osobola okumenyayo ezimu ku munyeenye ez’olunaku ez’okuluŋŋamya okutukuvu?
   _____
   _____

   d. Eddoboozi lyani abo ababeera buwulirizza Ababaka ba Katonda lye babeera bawulidde?
   _____
   _____

   e. Ani gwetubeera twewala singa tubeera twewazze okuyita okw’Ababaka ba Katonda? _____

2. Maliriza ebitundu eby’enyiriri zino wammanga awo:

   a. Olujji olw’okumanya Oyo Ow’edda-n’edda lubadde luggale bulijjo, era lujja kusigala nga _____

b. Tewali kutegeera okw'omuntu okujja okutuuka ku _____
_____

c. Katonda yatusindikira Ababaka Be nga _____
_____era nga _____

d. Amagezi ag'Ababaka ba Katonda g'efaananya kw'ago _____
_____

e. Oyo yenna abeera Abategedde abeera _____

f. Oyo yenna abeera Abawulirizza abeera _____

g. Buli omu ku Bbo ly'Ekkubo erya Katonda _____
_____
_____

3. Biriwa ku bino wammanga ebirimu amazima?

____ Tusobola okukula mu by'omwoyo nga tuyita mu kufuubana kwaffe kwok ka.

____ Katonda atuwadde endowooza, era etumala mu nkulakulana yaffe.

____Tujja kukula mu by'omwoyo nga tutegeera ababaka ba Katonda era tetujja kwetaaga kuteekamu maanyi malala yadde.

____ Tusobola okukula mu by'omwoyo nga tugendelera okutegeera Omuba ka wa Katonda era nga tuteekamu amaanyi mu kutambuza obulamu bwaffe okusinziira ku By'atuyigiriza.

____ Tusobola okumanya Katonda mu butereevu.

____ Omuntu asobola okubeera nga Katonda.

____ Katonda assukkulumye ku ntegeera ey'abantu.

____ Bwetuwuliriza ebigambo eby'Omubaka wa Katonda, tubeera tuwuliriza Eddoboozi lya Katonda.

AKATUNDU 16

Bahá'u'lláh alangilira nti:

"Ba Nabbi n'Abatume abaKatonda basindikiddwa wansi gyetuli n'ekigendelerwa kimu eky'okuluŋŋamya abantu basobole okudda mu kubbo-eggolokofu ery'Amazima. Ekigendelerwa ekiri mu kubikulirwa kwabwe kwe kubeera nga bayigiriza abantu bonna, nti olwo basobole, mu kaseera ak'okuffa, okuzuukira, mu butuukirivu obussukkulumye n'obuyinza era n'okwelekereza okwa namaddala, eri engule Esingira ddala okubeera eyaWaggulu." [21] Mu kiwandiiko ekilara agamba nti:

“Omuntu ye mukungu-assukkulumye. Wabula, obutafuna kuyigirizibwa okutuufu kimusubizza ebyo ebyamutoderwa ebikusike. Okuva mu kigambo ekyayatulwa Katonda_omuntu yayitibwa okulabikira mu butonde; mu kigambo ekirala kimu yaluŋŋamizibwa okutegeera Ensibuko ey’okuyigirizibwa kwe; ate era ne mu kigambo ekirala, eddaala lye n’entuuko ye byakuumibwa. Omulamu Assukkulumye agamba nti: Omuntu mutwale nga ekirombe omuli amayinja amangi ag’omuwendo ogutateeberezeka. Okuyigirizibwa kwokka kwekuyinza okukileetera okuzuula eby’obugagga byakyo, era n’okusobozesa abantu bonna okukiganyurwamu. Singa omuntu yenna abeera afumitiriza kw’ebyo Ebyawandiikibwa-Ebitukuvu kyebituweereza okuva mu ggulu ery’Okusalawo okwa Katonda okutukuvu, kyebitubikkulidde, yanditegeereddewo nti omugaso gwabwe gwe guno- nti abantu bonna ba-kutwalibwa nga omwoyo omu, bw’etyo envumbo eriko ebigambo ‘Obwakabaka bunabeera nga bwa Katonda’ esobole okulambibwa ku buli mutima, era ekitangaala eky’omukisa Omutukuvu, eky’ekisa, era n’okusaasira bisobole okubuutikira abantu bonna.” [22]

1. Ku lwa mugaso ki oguleetedde ba Nabbi n’Abatume ba Katonda okusindikibwa kunsi eno? _____

   _____

2. Mugaso ki ogwekuusa ku kubilkulirwa Kwabwe? _____

   _____

   _____

   _____

3. Ekigambo “omukungu assukkulumye” kitegeeza ki? _____

   _____

4. Kiki ekiyinza okuvamu singa omuntu abeera tafunye kuyigirizibwa okutuufu? __

   _____

5. Kiki ekisobola okuleetebwawo okuyigiriza okutuufu?_____

   _____

   _____

6. Ensibuko ey’okuyigirizibwa kwaffe y’eriwa?_____

7. Entuuko yaffe y’eriwa?_____

   _____

8. Ebimu ku by’omuwendo eby’enjigiriza by’ezuula bye biriwa?_____

   _____

9. Kiki kyenyini kyetuzuula bwetubeera twefumitiriza ku Byawandiikibwa Ebitukuvu?_____
_____
_____
_____

AKATUNDU 17

Bahá'u'lláh agamba:

"Naye era ombuuziza ebikwata ku mbeera y'omwoyo oluvannyuma lw'okwawukana okuva ku mubiri. Kimanye gwe, mu amazima, nti singa omwoyo gw'omuntu gubadde gutambulira mu makubo ga Katonda, awatali kubuusabuusa, guliddayo era ne gukuŋŋanira eri ekitiibwa ky'Omwagalwa. Ndayira ku lw'obutuukirivu bwa Katonda! Gulituuka ku ddaala eritasobola kuwandiikibwako n'akafumu konna oba okunyonyolwa olulimi lwonna. Omwoyo ogunyweredde ku Mirimu gy'Enzikiriza ya Katonda era ne gutasagasagana mu Kkubo Lye, oluvannyuma lw'okugenda kwagwo mu ggulu, gulibeera n'ago amaanyi, nti ensi zonna Ow'obuyinza Ze yatonda zisobola okuganyurwamu nga ziyita mu ye."[23]

1. Maliriza ebitundu eby'emboozi bino wammanga:
   a. Singa omwoyo ogw'omuntu gubeera gutambulidde mu makubo ga Katonda, awatali kubuusabuusa, _____
   _____

   b. Gulituuka ku ddaala eryo _____
   _____

   c. _____ ogunyweredde ku _____
   ya _____, era ne _____
   _____ mu _____
   _____, oluvanyuma _____
   _____ gulibeera _____
   _____ nti ensi
   zonna_____ Ze_____
   zisobola _____nga ziyita mu ye.

AKATUNDU 18

Bahá'u'lláh atugamba:

"Guweebwa omukisa ogwo omwoyo nga, ku ssaawa ya_gwo ey'okwawukana n'omubiri, gussukkulumye okuva ku ndowooza ezitagasa ez'abantu abali ku

nsi eno. Omwoyo nga ogwo gubeerawo era gutambula gusinziira ku Kugera okw'Omutonzi wagwo, era guyingira mu Kusanyusibwa okusingira ddala okubeera okwa waggulu. AbaZaana bomuGgulu, abo abatuuze abava mu maka agajjudde eby'obugagga, bajja kugwetoloola, era Ba Nabbi ba Katonda n'abalondemu Be bajja kwegwanyiza okubeerako nagwo. Gujja kunyumya nabo awatali kilemesa, era gujja kubayitiramu kw'ebyo byeguyisiddwamu mu kkubo lya Katonda, oyo Mukama Ow'ensi zonna."[24]

"Ateekwa okusonyiwa omwonoonyi, era natanyooma mbeera ye eyawansi, kubanga teri wadde n'omu amanyi kiki enkomelero ye ky'ejja okubeera. Enfunda mmeka, omwoyo ogw'omwonoonyi, mwegufunye kw'ekyo eky'amakulu ekiri mu kukkiriza, kw'eyo essaawa ey'okufa, era, nga gufuna kw'ekyo eky'obulamu obutagwawo, gubuuse nga gwolekera eri awakuŋŋanirwa Abatukuvu abomuggulu! Era enfunda mmeka omwoyo ogw'omukkiriza omunyiikivu, ku saawa ey'okuzuukira kwe, bwegukyusiddwa ne gugwa nga gwolekera omuliro ogutazikira!"[25]

1. Mu mbeera ki omyoyo gwaffe mwe gulina okubeera nga gwawukanye n'omubiri gwaffe? _____
_____
_____

2. Ziriwa ezimu ku ndowooza ezitatugasa? _____
_____
_____
_____

3. Mu mbeera ki omwoyo ogussukkulumye ku ndowooza ezitatugasa mwegulibeera era mwegulitambulira oluvanyuma ol'wokufa okw'omubiri? _____
_____
_____
_____

4. B'ani abajja okubeera abanywanyi b'omwoyo nga ogwo? _____
_____
_____

5. Omwoyo ng'ogwo gulibeera n'obusozi okunyumyako ne ba Nabbi ba Katonda era n'abalondemu Be?_____
_____

6. Tubeera tukimanyi nga tekinaba kutuukawo engeri era ddi obulamu bwaffe obw'okunsi lwe bulikoma? _____

7. Kiki kyetusobola okukola kati ekinatuleetera okufuna obwo obulamu obutagwaawo obwatugelekerwa? _____
_____
_____

AKATUNDU 19

‘Abdúl-Bahá atunyonyola:

“Nga omwoyo ogw’omuntu bwegubeerawo mu bulamu obw’olubeelera oluvanyuma olw’okweyawula kw’ekyo ekyaguweebwa eky’omubiri, gulina, nga ebintu ebibeerawo byonna, awatali kubuusabuusa obusobozi obw’okwongera okukulakulana, era bwatyo omuntu ayinza okusabira omwoyo ogw’omugenzi gweyongere okukulakulana, gusonyiyibwe, oba gufuulibwe nga egyo ejigenda okufuna okuyambibwa okutukuvu, eby’obugaga era n’ekisa. Ky’ekyo lwaki, mu ssaala eza Bahá’u’lláh, okusonyiyibwa n’okusaasira okwa Katonda kusabibwa ku lw’abo abolekedde waggulu munsi eyo eddako. Mu kwongereza kw’ekyo, mu ngeri y’emu abantu gyebali mu bwetaavu obwa Katonda munsi eno, ne munsi eyo eddako bamwetaaga. Ebitonde bisiiba mu bwetaavu, era Katonda asiiba Yetongodde mu bulamba-lamba eri byo, newankubadde munsi eno oba munsi eyo erijja.”[26]

Lwaki tuteekeddwa okusabira emyoyo ejivudde munsi eno?

_____

_____

_____

_____

_____

_____

_____

AKATUNDU 20

‘Abdúl-Bahá awandiika:

“Omwoyo ogw’omuntu bwegunabeera gubuuse okuva mw’eno entuumu ey’enfuufu eggwawo era ne gwambuka munsi eya Katonda, olwo entimbe zijja kugwa ziveewo, era eby’amazima bijja kulabikira mu kitangaala, era n’ebintu byonna ebitamanyikiddwa okuva mu biseera ebyayita bijja kufuulibwa ebilambulukufu, n’amazima amakusike gategeerekeke.

“Wekkaanye embeera ey’omuntu, nga akyali munsi eyomu-nda eya nnyina, yali kiggala ow’amatu, era nga muzibe ow’amaaso, era nga talina busobozi obw’okwatula; engeri gyeyali talina kuteegeera yadde. Wabula bweyafuluma ensi eyo ey’ekizikiza, yayitako munsi eno eyekitangaala, oluvanyuma eriiso lye lyalaba, okutu kwe kwawulira, olulimi lwe lwayogera. Mu ngeri y’emu, bw’abeera ayolekedde okuva mu kino ekifo ekiggwawo n’agenda mu Bwakabaka obwa Katonda, olwonno ajja kuzaalibwa mu mwoyo; olwo eriiso ery’okutegeera kwe lijja kuggulwawo, okutu okw’omwoyo gwe kujja kuwulira, era amazima gonna g’abadde nga tamanyi gajja kunyonyorwa mu bulambulukufu ne mu bwerufu.” [27]

1. Jjuza mu mabanga wammanga awo.

   a. Omwoyo ogw'omuntu bweguva munsi eno, olwo
      - entim be_____,
      - era eby'amazma_____,
      - era n'ebintu byonna ebitamanyikiddwa okuva mu biseera ebyayita, _____,
      - n'amazima amakusike _____,

   b. Munsi eyomu-nda eya _____, twali _____ ab'amatu, _____ab'amaaso, era nga tetulina _____ obw'okwatula.

   c. Bwetwazalibwa munsi eno, awo eriiso lya fe_____, okutu kwaffe_____ era olulimi lwaffe _____.

   d. Mu ngeri yemu, bwetugenda mu Bwakabaka obwa Katonda, tujja_____ mu_____.

   e. Olwo nno eriiso lyaffe_____ li jja_____, okutu _____ku jja_____,era _____ _____gonna getubadde nga tetumanyi gaj ja_____ne mu _____.

2. Salawo oba enyiriri zino wammanga zirimu amazima:

___ Bwetubeera munsi ey'enda eya nnyina, tubeera tumanyi kw'eno ensi.

___ Embeera yaffe nga tumaze okufa g'emazima agatukweekeddwa mu bulamu buno.

___ Amagezi, amapya ddala, gajja ku tugulirwawo oluvannyuma olw'wokufa.

___ Bwetuffa, tukomawo kunsi eno okuzaalibwa nate.

AKATUNDU 21

Bahá'u'lláh anyonyola:

“Era kati okusinziira ku kibuuzo kyamwe nti-oba emyoyo gy’abantu gyeyongera okwemanya- ogumu eri gunne wagwo oluvanyuma lw’okwawukana kwa gyo okuva eri omubiri. Mukimanye mwe nti emyoyo gy’abantu aba Bahá, abayingidde ara ne baweebwa ekifo mu Kyombo-Ekitukuvu eky’Ensuso, girikwatagana era girinyumya ne ginne wa-gyo mu mukwano, era gijja kubeera gikwataganira ddala mu bulamu bwa-gyo, mu bilubilirwa bya-gyo, ebigendelerwa bya-gyo era n’okulafuubana ekinagileetera okubeera nga omwoyo ogumu. Bebo ddala abamanyirivu, abalina okulaba okwa namaddala, era abaweereddwa okutegeera. Bwekityo bwe kiragiddwa Oyo Nanyini-Kumanya kwonna, Nanyini-Magezi gonna.

Abantu ba Bahá, abo abatuuze mu Kyombo kya Katonda, ne bw’abeera omu oba bonna, bamanyi ku kikula, n’embeera za bannabwe, era begattidde wamu mu nkulogana ey’omukwano n’okussa ekimu. Wabula, embeera ng’eyo, eteekeddwa okusinziira ku kukkiriza kwabwe ne neyisa yabwe. Abo abali mu kifo n’eddaala nga lyerimu bamanyi bulungi obusobozi bwa bannabwe, eneyisa, ebituukiddwako era n’eby’omuwendo bye bafuna mu kubeera nabo. Wabula, abo abali ku daala erya wansi, tebalina busobozi obw’okutegeera ekimala ku eryo eddaala, oba n’okuteeba abo abali ku ddaala erya waggulu okubasingako kyebaliganyurwamu. Buli omu alifuna omugabo gwe okuva eri Mukama. Wa mukisa omuntu oyo akyusizza obwenyi bwe nga atunula eri Katonda, era n’atambula nga munywevu mu Kwagala Kwe, okutuusa nga omwoyo gwe gubuuse nga gwolekera eri Katonda, Mukama wa bonna ow’Obuyiinza, Asingira ddala Amaanyi, Omusonyiyi Buli kadde, Nanyini Kusaasira eri bonna.” [28]

1. Mu nsi eyo eddako, tunasobola okuzuula abantu betutegedde mu eno ensi y’omubiri? _____

2. Enkolagana eyo wakati w’emyoyo mu nsi gy’etuddamu enabeera etya? _____

   _____

3. Enjawulo n’okugerageranya wakati w’emyoyo munsi gy’etuddamu binasinziira ku ki? _____

   _____

4. Omuntu yenna anasubwa ekisa kya Katonda? _____

AKATUNDU 22

Bahá’u’lláh atutegeeza:

“Ayi mwe abaweereza Bange! Temunakuwala singa, mu nnaku zino era ne mu bulamu obw’ensi eno, ebintu ebikontana n’ebyo byemwegwanyiza bibeera bigerekeddwa era ne byolesebwa Katonda, kubanga ennaku ez’essanyu eritagambika, okwesiima okutukuvu, babibaterekedde awatali kubuusabuusa. Ensi, entukuvu era ez’ekitiibwa ekijjudde omwoyo, zijja kwanjulibwa eri amaaso gammwe. Mulambikiddwa Oyo munsi eno n’eyo egenda okujja, okuganyurwa mu birungi byazo, kabana ku ssanyu lyazo, era

n'okufuna ku mugabo ogw'ekisa kyazo ekiziwanirira. Awatali kubuusabuusa, mulifuna, ku buli kimu kw'ebyo." [29]

1. Salawo ku bino wammanga ebituufu:

   ____ Tusaana tujjule okunyolwa singa ebintu bituukawo mu ngeri ezikontana n'ebyo bye twegwanyiza.

   ____ Byonna, newankubadde birungi oba nga bibi, byagerekebwa Katonda.

   ____ Ennaku ez'essanyu essufu fenna zitulindiridde.

   ____ Tulina obukakafu nti tulilaba ensi entukuvu era ez'omwoyo ow'ekitiibwa.

   ____ Kyatugerekerwa okufuna ku birungi eby'ensi zino, entukuvu era ez'om woyo owekitiibwa, mu buno obulamu n'obwo obulijja.

2. Lwaki tetusaana kunakuwala singa ebintu ebikontana n'ebyo byetwegwanyiza bibeera bituu kawo?_____

   _____

   _____

3. Kusuubiza ki Bahá'u'lláh kw'atuwa mu kiwandiiko kino? _____

   _____

   _____

   _____

AKATUNDU 23

Mu kitundu kino, mufumitirizza ku bulamu obw'omuntu kye kitegeeza. Oyize ebiwerako eby'ekuusa ku kikula eky'omwoyo, omugaso ogw'obulamu munsi eno, ebikolwa eby'okuzimba obisaanizo eby'omwoyo, n'okwo okusuubiza okwatuweebwa okw'obulamu obutagwawo, okw'ekitiibwa era okujjudde essanyu. Mu kitundu eky'okubiri eky'ekitabo, twayogerako ku bigendelerwa ebibiri eby'awamu: okubeera nga tutuukiriza enkulakulana yaffe ey'eby'omwoyo n'okutegeera okw'eneyisa mu bulamu bwe era n'okubeerako ky'awaayo eri enkyuka-kyuka ey'embembeera zomubantu. Tukozese guno omukisa tuddeyoko kw'ogwo omulamwa era tulowooze ku mugaso ogw'okutuukirira ensonga zombi ezakino ekigendelerwa, mu kitangaala ky'eby'okuyiga by'ofunye ebikwaata ku nkulakulana y'obulamu bw'omwoyo. Okufumitiriza kwo kuyinza okufuna eky'okuganyurwamu okuva mu kuteesaganya mu kabinja kammwe ku miramwa gino wammanga.

1. Okuzimba obubonero bw'omwoyo (ebisaanizo by'omwoyo).

2. Okugondera amateeka ga Katonda.

3. Okubeerako kyowaayo eri obulungi bw'olulyo lw'abantu.

4. Okukulakulana ku kubo ly'obuweereza

EBYAJULIZIBWA

1. From a talk given on 10 November 1911, published in *Paris Talks: Addresses Given by 'Abdu'l-Bahá in 1911* (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2006, 2016 printing), no. 29.12–13, p. 109.
2. From a letter dated 1 April 1946 written on behalf of Shoghi Effendi, published in *Lights of Guidance: A Bahá'í Reference File* (New Delhi: Bahá'í Publishing Trust, 1988, 2010 printing), no. 1820, p. 537.
3. From a letter dated 28 July 2016 written on behalf of the Universal House of Justice.
4. 'Abdu'l-Bahá, in *Some Answered Questions* (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2014, 2016 printing), no. 66.3, pp. 352–53.
5. Ibid., no. 38.5, p. 220.
6. From a talk given by 'Abdu'l-Bahá on 9 November 1911, published in *Paris Talks*, no. 28.16, p. 104.
7. From a letter dated 31 December 1937 written on behalf of Shoghi Effendi, published in *Lights of Guidance*, no. 680, p. 204.
8. *Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh* (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 1983, 2017 printing), LXXXII, par. 8, p. 183.
9. 'Abdu'l-Bahá, in *Some Answered Questions*, no. 61.1–2, p. 334.
10. *Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh*, LXXX, par. 2, p. 174.
11. Ibid., LXXXI, par. 1, p. 176.
12. Ibid., CLXV, par. 1–3, pp. 391–92.
13. Bahá'u'lláh, *The Hidden Words* (Wilmette: Bahá'í Publishing Trust, 2003, 2012 printing), Arabic no. 32, p. 11.
14. From a talk given on 6 July 1912, published in *The Promulgation of Universal Peace: Talks Delivered by 'Abdu'l-Bahá during His Visit to the United States and Canada in 1912* (Wilmette: Bahá'í Publishing, 2012), pp. 315–16. (authorized translation)
15. *Gleanings from the Writings of Bahá'u'lláh*, V, par. 4, p. 8.
16. Ibid., LXXXII, par. 1, pp. 179–80.
17. Ibid., CLIII, par. 6, pp. 370–71.

18. Ibid., XXVII, par. 2, pp. 72–73.

19. Ibid., XXVII, par. 3, p. 73.

20. Ibid., XXI, par. 1, pp. 54–55.

21. Ibid., LXXXI, par. 1, p. 177.

22. Ibid., CXXII, par. 1, pp. 293–94.

23. Ibid., LXXXII, par. 7, p. 182.

24. Ibid., LXXXI, par. 1, pp. 176–77.

25. Ibid., CXXV, par. 3, pp. 300–1.

26. ‘Abdu’l-Bahá, in *Some Answered Questions*, no. 62.3, pp. 340–41.

27. *Selections from the Writings of ‘Abdu’l-Bahá* (Wilmette: Bahá’í Publishing, 2010, 2015 printing), no. 149.3–4, pp. 246–47.

28. *Gleanings from the Writings of Bahá’u’lláh*, LXXXVI, par. 1–2, pp. 192–93.

29. Ibid., CLIII, par. 9, p. 373.